ENZIKIRIZA y'Omusiraamu ENTUUFU

Kiwandiikiddwa:
Muhammad Quraish Mazinga Abu-Sa'ad

OKUTANGAAZA

Ow’ekitiibwa Omukkiriza, oluvannyuma lw’okuwandiika ebitabo bya Aqeedah eby’enjawulo nga binnyonnyola enzikiriza yaffe ey’ekitiibwa, nsazeewo okufunza ekitabo kino ekyali kyagaziyizibwa ennyo olw’okuteekamu ensonga ez’enjawulo ezikwata ku nzikiriza.

Anti kye kitabo ky’enzikiriza kye nnasookera ddala okuwandiika era kye nnava nkigaziya ennyo olw’okwagala okuteekamu buli nsonga gye nnalaba nga nkulu. Kati kifunziddwa olw’okukwanguyiza okukisoma.

Olwaleero osobola okufuna n’okutegeera enzikirizayo entuufu eyo yokka etwala omuntu mu Jjana ng’osomye ebitabo by’enzikiriza bino wammanga:

Laa Ilaaha Ill’Allah : Amakulu, Empagi, N’obukwakkulizo Bwakyo.

Ebintu Ekkumi Ebiggya Omuntu Mu Busiraamu.

Enfa Ya Abu Twalib N’eby’okuyiga Omusiraamu By’agiggyamu.

Obubenje Bwa Shirik Obuna

Obukkiriza N’ekyennyume Kyabwo

Hadiith 100 Omusiraamu Z’ateekeddwa Okumanya

Enzikiriza Y’omusiraamu Entuufu

Nsaba Allah Ow’ekitiibwa atugase nakyo.

Abu Sa’ad.
T: 0702 551077 E: shkmazinga@gmail.com

23rd 07 2013

Ebiri munda

Emitwe Olupapula

Ennyanjula:

Kikakafu mu ddiini yaffe ey'Obusiraamu olw'obujulizi obuyitirivu obuli mu Qur'aan ne mu Sunnat z'omubaka Muhammad era nga y'entegeera y'abalongoofu abaatukulembera nti omulimo gwonna omulungi (ibaadat) Allah tagukkiriza okujjako ng'agukoze enzikiriza ye ntuufu. Bw'agukola ng'enzikiriza ye si ntuufu, ng'alina ekintu kyonna ky'akola ekimuggya mu Busiraamu nga shirik, tafuna mpeera yonna mu mulimo ogwo anti taba Musiraamu. Olw'ensonga eyo, kikakata ku buli Musiraamu okukebera enzikiriza ye akakasize ddala nti yeeyo yennyini Allah gy'ayagala tekimubuukako ng'atuuse mu maaso ga Allah ne yeesanga nga yali mukaafiiri so nga yalowoozanga nti Musiraamu. Oluvannyuma lw'okusoma n'obwegendereza ekitabo kino ekiwandiikiddwa mugandawange Sheikh Muhammad Quraish Mazinga, nkirabye nga kitabo kirungi nnyo naddala mu kulungamya enzikiriza y'Omusiraamu entuufu eyo Omusiraamu gy'ateekeddwa okufiirako bw'aba ayagala okuyingira ejjana ya Allah.

Awo wensabira Abasiraamu bonna okukyettanira ennyo naddala abakulu b'amasomero g'Obusiraanu okukisomesa abayizi kko n'abaami okukifunira abantu baabwe abatera okusigala ewaka ne batafuna mukisa gweyigiriza ddiini yaabwe. Mu ngeri y'emu nkubiriza ba Imaam b'emizikiti okusoma ekitabo kino bakitegeere bulungi era bakisomese n'abantu be bakulembera olw'omugaso ogw'amaanyi ogukirimu.

Nsaba Allah agase nakyo Abasiraamu n'obusiraamu. Nsaba Allah asse okusaasira n'emirembe ku Mubaka ow'enkomerero Muhammad ﷺ n'abantu b'ennyumba ye n'abo bonna abagoberera obulungamu bwe okutuuka lwe tuliyimirira mu maaso ge.

Sheikh Hamza Ahmad Kateregga
Islamic University, Madiina
Saudi Arabia.

بِسۡمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحۡمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ

Amatendo gonna amalungi era amajjuvu ga Allah ﷻ Omutonzi era Omulezi w'ebitonde. Musaba asse okusaasira n'emirembe ku Mubaka Ow'ekitiibwa Muhammad ﷺ. Omubaka eyatumwa eri abantu bonna n'obulungamu n'eddiini ey'amazima abaggye mu kusinza emiti, amayinja, lubaale, enjuba, emmunyeenye, ba Malaika, ba Nabbi n'ebintu ebirala abazze eri okusinza oyo yekka eyabatonda, abalabirira, akyusakyusa embeera z'obulamu bwabwe nga tebamugasseeko kintu kirala kyonna.
Tewali nsonga yonna yatutondesa okuggyako kusinza Mutonzi waffe omu yekka Allah ﷻ. Omuntu bw'asinza Omutonzi Allah, mu butuufu bw'okumusinza, aba atuukirizza omugaso gw'okutondebwa kwe ate atatuukiriza nsonga yamutondesa aba yeewaddeyo eri ebibonerezo ebiruma ennyo by'ateekeddwa okusisinkana mu maaso ge singa afiira ku mbeera eyo. N'olwekyo, omuntu agwanidde amanye nti ekintu ekisingira ddala okuba eky'obulabe gy'ali bwe butamanya oba obutafaayo ku nsonga yamutondesa n'atuuka okuva mu nsi nga tasinzizza Mutonzi we ate nga gyali j'azze! Yagamba Omutonzi Allah:

﴿ وَمَا خَلَقۡتُ ٱلۡجِنَّ وَٱلۡإِنسَ إِلَّا لِيَعۡبُدُونِ ٥٦ ﴾ الذاريات

Saatonda majinni wadde abantu (kunkolera kirala kyonna) wabula lwa kunsinza.

Buli kigambo kusinza lwe kyogerwako, ekyanguwa okuyingira mu bwongo bw'omuntu kulowooza nti kitegeeza kusaala, kusiiba, kusaddaaka, kukola Hijja oba Umra, n'ebikolwa ebirala ebimanyiddwa nti biyitibwa kusinza. Kituufu, emirimo egyo gyonna giyitibwa kusinza naye si buli agikola nti abalibwa nti asinza oba nti atuukirizza ekyamutondesa, wabula girina akakwakkulizo akakulu ennyo akola emirimo egyo k'ateekeddwa okusooka okutuukiriza alyoke abalibwe mu maaso

ga Allah ﷻ nti asinza era atuukirizza ekyamutondesa. Akakwakkulizo ako kayitibwa **Tawhiidi**.

TAWHIID

Tawhiid, kitegeeza okutongoza Allah ﷻ mu bikolwa bye, mu kumusinza ne mu mannya ge amalungi wamu n’amatendo ge amajjuvu. Tawhiid kye kikolo ky’enzikiriza y'Obusiraamu. Buli amulina aba Musiraamu ate atamulina taba Musiraamu ne bwe yeeyita oba ne bw'ayitibwa Omusiraamu. Tawhiid oyo gwe tugenda okulaba mu bugazi, era nga gwe mulamwa gw’ekitabo kino, gwe musingi gw’okusinza okwatondesa abantu n’amajinni era y’ensonga eyatumisa Ababaka bonna okuva ku Nuuhu ؑ okutuuka ku mubaka eyasembayo era eyatumwa eri abantu bonna Ow'ekitiibwa Muhammad ﷺ. Tauhiid era, y’ensonga eyassa ebitabo byonna nga Injiil, Zabbuur, Tawraat ne Qur’aan. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِي كُلِّ أُمَّةٍ رَّسُولًا أَنِ اعْبُدُوا اللَّهَ وَاجْتَنِبُوا الطَّاغُوتَ ۖ ﴿٣٦﴾ ﴾
النحل

Era mazima twatumanga mu buli kibiina Omubaka (abalagire nti:) Musinze Allah yekka mwewale (okusinza) ebitagwanidde kusinzibwa.

Okumanya Tawhiid nsonga nkulu nnyo, Omutonzi waffe yeekakasaako nti tagenda kubonereza muntu yenna alijja mu maaso ge nga yalina Tawhiid. Omubaka Muhammad ﷺ yagamba swahaba we ayitibwa Mu'aadh Ibn Jabal رضي الله عنه nga bali ku ndogoyi eyitibwa Ufair nti:

يَا مُعَاذ هَلْ تَدْرِيْ حَقَ اللهِ عَلَى عِبَاده وَ مَا حَقُ العِبَاد عَلَى الله؟ قُلْتُ اللهُ وَ رَسُوْلُهُ أَعْلَمُ. قَالَ فَإِنَّ حَقَّ الله عَلَى العِبَاد أَنْ يَعْبُدُوْهُ وَلاَ يُشْرِكُوْا بِهِ شَيْئًا. وَ حَقُ العِبَادِ عَلَى اللهِ أَنْ لاَ يُعَذِّبَ مَنْ لاَ يُشْرِكْ بِهِ شَيْئًا (رَوَاهُ البُخَارِي)

Owange Mu'aadh, omanyi ekikakata ku baddu eri Allah n'ekikakata ku Allah eri abaddu be? Ne nyanukula nti: Allah n'Omubaka we be basinga okumanya. (Omubaka) n'agamba nti: Mazima ekikakata ku baddu eri Allah kwe kumusinza yekka ne batamugattako kintu kyonna. Ate ekikakata ku Allah eri abaddu be bwe butabonereza muntu atamugattako kintu kyonna. ***(Bukhaari)***

Omubaka era n'atukakasa nti omuntu yenna alisisinkana Allah ﷻ nga teyamugattako kintu kirala kyonna ajja kuyingira Ejjana, ate alimusisinkana nga yamugattako ekintu kyonna ajja kuyingira omuliro. Yagamba Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku Jaabir Ibn Abdillah ﷜:

مَنْ لَقِيَ اللهَ لاَ يُشْرِكُ بِهِ شَيْئًا دَخَلَ الجَنَّةَ وَمَنْ لَقِيَهُ يُشْرِكُ بِهِ شَيْئًا دَخَلَ النَّار

(رَوَاهُ مُسْلِمُ)

Oyo alisisinkana Allah nga teyamugattako kintu kyonna ajja kuyingira Ejjana, ate alimusisinkana nga yamugattako ekintu kyonna ajja kuyingira omuliro. ***(Muslim)***

Era mu bikakasa obukulu bwa Tawhiid, kwe kuba nti Allah ﷾ yatutegeeza nti ajja kusonyiwa omuntu yenna alijja mu maaso ge nga yeekuuma obutamugattako kintu kyonna amazambi ge gonna nebwe galiba mayitirivu nnyo. Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith al Qudus empanvu eva ku Abu dharri ﷜ yatunyumiza nti yagamba Allah ﷾ nti:

وَمَنْ لَقِيَنِيْ بِقُرَابِ الأَرْضِ خَطِيْئَةً لاَ يُشْرِكُ بِيْ شَيْئًا لَقَيْتُهُ بِمِثْلِهَا مَغْفِرَةً

(رَوَاهُ مُسْلِم)

N'oyo alinsisinkana n'ebyonoono ebijjuza ensi nga teyangattako kintu kyonna nja kumusisinkana n'ebibifaanana (obunji) nga kusonyiwa. ***(Muslim)***

EMITEEKO GYA TAWHIIDI

Tawhiidi ateekululwamu emiteeko esatu: Omuteeko ogusooka guyitibwa **Rrubuubiyyat**, ogwokubiri guyitibwa **Uluuhiyyah**, ogwokusatu guyitibwa **Asmaa'u wa – Sswifaati**. Emiteeko gino esatu gitambulira wamu tegyawukana; Omuteeko ogumu bwe gwonooneka n'emirala togisigaza.

TAWHIIDU RRUBUUBIYYAT
(OKUTONGOLEZA ALLAH ﷻ EBIKOLWA BYE)

Tawhiidi Rrubuubiyya, kwe kutongoleza Allah ﷻ ebikolwa bye. Nga n'ebikolwa bya Allah ﷻ by'akola bingi nnyo tebibalika. Wabula byonna bifunzibwa mu bikolwa bisatu: Obutonzi, Obufuzi, n'Okukyusakyusa embeera.

OBUTONZI

Ekikolwa ekisooka omuntu ky'ateekeddwa okutongoleza Ow'ekitiibwa Allah, bwe butonzi. Ateekeddwa okukakasa nti tewali yatonda kintu kyonna okuggyako Allah ﷻ. N'akakasa era nti buli kitali Allah ﷻ kitonde kye. Ye Mutonzi w'ebyaliwo n'ebiriwo, n'ebiribeerawo ebitono n'ebinene, ebinafu n'eby'amaanyi, ebirabwako n'ebitalabwako, ebimanyiddwa n'ebitamanyiddwa. Yagamba Ow'ekitiibwa Allah nti:

﴿ ٱللَّهُ خَٰلِقُ كُلِّ شَيۡءٖۖ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيۡءٖ وَكِيلٞ ٦٢ ﴾ الزمر

Allah ye Mutonzi wa buli kintu era buli kintu y'akirinako obukuumi.

Ebintu ebyo byonna ye yabitandikawo ng'abiggya mu butabaawo. Yagamba omugulumivu Allah:

﴿ بَدِيعُ ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَٱلۡأَرۡضِۖ وَإِذَا قَضَىٰٓ أَمۡرٗا فَإِنَّمَا يَقُولُ لَهُۥ كُن فَيَكُونُ ١١٧ ﴾ البقرة

Ye yatandikawo eggulu n'ensi era bw'asalawo ku kintu akigamba bugambi nti: Ba ne kiba

Ow'ekitiibwa Allah, ye Mutonzi w'omuweesi n'ekyo ky'aweesa, omulimi n'ekyo ky'alima, omulunzi n'ekyo ky'alunda. Yagamba Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku Hudhaifat Ibn Yamaan ﷺ nti:

إنَّ اللهَ خَالِقُ كُلِّ صَانِعٍ وَ صَنْعَتَهُ

(رَوَاهُ ابنُ أَبِيْ عَاصِمٍ فِي السُّنَّةِ وَالحَاكِمُ وَصَحَّحَهُ مُحَدِّثَيْ العَصْرِ، الأَلْبَانِي فِيْ الصَّحِيْحَةِ وَمُقْبِلُ ابن هَادِيْ الوَادِعِيْ فِي الصَّحِيْحِ المُسْنَدِ مِمَّا لَيْسَ فِي الصَّحِيْحَيْنِ)

Mazima Allah ye Mutonzi w'omuweesi n'ekyo ky'aweesa.
(Ibn Abi Aaswim ne Haakim)

Kimanye nti wadde buli kitali Allah ﷻ kiba kitonde kye, ate tetukkirizibwa kugamba nti Qur'aan ey'ekitiibwa kitonde kya Allah, wabula tugamba nti Qur'aan bigambo bya Allah ﷻ kubanga mu Mutonzi temuvaamu kitonde. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَإِنۡ أَحَدٞ مِّنَ ٱلۡمُشۡرِكِينَ ٱسۡتَجَارَكَ فَأَجِرۡهُ حَتَّىٰ يَسۡمَعَ كَلَٰمَ ٱللَّهِ ٦ ﴾ التوبة

Bw'abeera omu mu bakaafiiri ng'akusabye obubudamu (gwe Muhammad) Bumuwe, asobole okuwuliriza 'ebigambo bya Allah' (Qur'aan)

OBUFUZI

Omuntu era ateekeddwa okumanya nti obufuzi obujjuvu bwa Allah Ow'ekitiibwa. Buli kyonna ekitali Ye kikye era kiri wansi wa bufuzi bwe. Tewali kiri waggulu wa bufuzi bwe ekiseera kyonna ne mu buli kifo kyonna. Buli kyonna ekirinako we kifuga, kifugira wansi wa bufuzi bwe era nga y'akiwa obufuzi obwo ekiseera ekigere. Ekiseera ekyo bwe kiggwako, obufuzi obwo abukiggyako ate n'abuwa ekitonde ekirala. Yagamba Ow'ekitiibwa Allah nti:

﴿ قُلِ ٱللَّهُمَّ مَٰلِكَ ٱلْمُلْكِ تُؤْتِى ٱلْمُلْكَ مَن تَشَآءُ وَتَنزِعُ ٱلْمُلْكَ مِمَّن تَشَآءُ وَتُعِزُّ مَن تَشَآءُ وَتُذِلُّ مَن تَشَآءُ ۖ بِيَدِكَ ٱلْخَيْرُ ۖ إِنَّكَ عَلَىٰ كُلِّ شَىْءٍ قَدِيرٌ ﴿٢٦﴾ ﴾ آل عمران

Gamba nti: Ayi Allah! Nannyini bufuzi obujjuvu! Owa obufuzi oyo gw'oyagala (okubuwa) n'obuggya kw'oyo gw'oyagala (okubuggyako) n'okuza oyo gw'oyagala (okukuza) n'okkakkanya oyo gw'oyagala (okukkakkanya) Obulungi bwonna buli mu mukono gwo, Mazima Gwe oli muyinza ku buli kintu kyonna

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ تَبَٰرَكَ ٱلَّذِى بِيَدِهِ ٱلْمُلْكُ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَىْءٍ قَدِيرٌ ﴿١﴾ ﴾ الملك

Yagulumira n'atukula (Allah) oyo alina obufuzi bwa buli kimu mu Mukono Gwe; Era Muyinza ku buli kintu (akola ky'ayagala mu bitonde bye)

Tewali kitonde kyonna kisobola kufuluma mu bufuzi bwe ne bwe kiba kinene nnyo oba ky'amaanyi nnyo oba kikambwe nnyo. Anti amaanyi gaakyo oba obunene bwakyo oba obukambwe bwakyo Allah ﷿ ye yabikiwa era bw'ayagala okubikijjako, agamba bugambi nti "ba" ne kiba!

Eky'okulabirako y’enjuba n’omwezi; bitonde binene nnyo era by'amaanyi nnyo. Kyokka tebiremerera Allah سبحانه وتعالى Omutonzi waabyo kubitambuza mu budde bwe yabigerera okutambuliramu oba okubikozesa emigaso gye yabitondera. Yagamba Omusaasizi ennyo Allah nti:

﴿وَٱلشَّمۡسُ تَجۡرِي لِمُسۡتَقَرّٖ لَّهَاۚ ذَٰلِكَ تَقۡدِيرُ ٱلۡعَزِيزِ ٱلۡعَلِيمِ ٣٨ وَٱلۡقَمَرَ
قَدَّرۡنَٰهُ مَنَازِلَ حَتَّىٰ عَادَ كَٱلۡعُرۡجُونِ ٱلۡقَدِيمِ ٣٩﴾ يس

N'enjuba nayo (kabonero gye bali); Eddukira ku kigero (Allah) kye yagigerera. Okwo kwe kugera kwa (Allah) Ow'ekitiibwa, Amanyi ennyo (buli kintu). N'omwezi (mu ngeri y'emu nagwo kabonero gye bali) – Twagugerera ebifo (mwe gulabikira) okutuusa lwe guddayo ne guba ng'ekikolokomba ky'entende.

Yayawukana Nannyini bufuzi Allah ﷻ n’agulumira era n’asukkuluma olusukkuluma olunene kw’ebyo bye bamugattako.

OKUKYUSAKYUSA EMBEERA

Ensonga eyookusatu omuntu gy’ateekeddwa okwawulira n’okutongoleza Allah ﷻ mu Tawhiid Rrubuubiyyat, kwe kukyusakyusa embeera z’ebitonde bye. Omuntu alina okumanya nti oluvannyuma lw’okuba nti Allah ﷻ ye yatonda buli kitali ye, era nga y’akirinako obufuzi obujjuvu, tewali kikyukakyuka mu mbeera z’ebitonde bye ennungi n'embi, okuggyako nga yakikyusizza. Singa wabaawo ekikyukakyuka kyonna mu mbeera z’ebitonde bye nga tamanyi oba nga takkirizza, obufuzi bwe tebuba bujjuvu. Yagamba Omugabirizi Allah nti:

﴿ قُلۡ مَن يَرۡزُقُكُم مِّنَ ٱلسَّمَآءِ وَٱلۡأَرۡضِ أَمَّن يَمۡلِكُ ٱلسَّمۡعَ وَٱلۡأَبۡصَٰرَ وَمَن يُخۡرِجُ ٱلۡحَيَّ مِنَ ٱلۡمَيِّتِ وَيُخۡرِجُ ٱلۡمَيِّتَ مِنَ ٱلۡحَيِّ وَمَن يُدَبِّرُ ٱلۡأَمۡرَۚ فَسَيَقُولُونَ ٱللَّهُۚ فَقُلۡ أَفَلَا تَتَّقُونَ ٣١ ﴾ يونس

Bagambe nti: Ani abagabirira okuva mu ggulu ne mu nsi? Oba, Ani afuga okuwulira n'okulaba? Era ani aggya ekiramu mu kifudde era n'aggya ekifudde mu kiramu era n'akyusakyusa embeera (y'ebitonde byonna)? Bajja kukugamba nti: Allah (y'akola ebyo byonna). Olwo bagambe nti: Abaffe! Temutya Allah?

N'olwekyo, kimanye nti Allah ﷻ y'akyusakyusa embeera z'ebitonde bye byonna ennungi n'embi. Y'aleeta ekyeya era y'aleeta enkuba, y'agaggawaza abaavu era y'ayavuwaza abagagga, y'alamusa abalamu era y'atta abafa, y'asesa abaseka era y'akaabya abakaaba, y'alungiya abalungi era y'abijjisa ababi, y'afuula omusajja omusajja era y'afuula omukyala omukyala, y'aleeta enjala era y'agiggyawo n'aleeta ekyengera, y'alwaza abalwadde era y'awonya abawona, y'aleeta omusana era y'aguggyawo n'aleeta ekiro n'embeera endala nyingi Allah ﷻ z'akyusakyusa mu bitonde bye. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ إِنَّ رَبَّكُمُ ٱللَّهُ ٱلَّذِي خَلَقَ ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَٱلۡأَرۡضَ فِي سِتَّةِ أَيَّامٖ ثُمَّ ٱسۡتَوَىٰ عَلَى ٱلۡعَرۡشِۖ يُغۡشِي ٱلَّيۡلَ ٱلنَّهَارَ يَطۡلُبُهُۥ حَثِيثٗا وَٱلشَّمۡسَ وَٱلۡقَمَرَ وَٱلنُّجُومَ مُسَخَّرَٰتِۭ بِأَمۡرِهِۦٓۗ أَلَا لَهُ ٱلۡخَلۡقُ وَٱلۡأَمۡرُۗ تَبَارَكَ ٱللَّهُ رَبُّ ٱلۡعَٰلَمِينَ ٥٤ ﴾ الأعراف

Mazima Omulezi wammwe ye Allah oyo eyatonda eggulu n'ensi mu nnaku mukaaga, oluvanyuma n'atebenkera ku al-Arsh (Namulondo ye ey'ekitiibwa). Abissa ekiro omusana ne gukirondoola mu bwangu obwa kaasammeeme! Era ye yatonda enjuba n'omwezi n'emmunyenye (byonna) n'abigonza kulw'obuyinza bwe. Abange! Kukwe (yekka) Okutonda n'Obufuzi. Yatukula, Nannyini mikisa Allah, Omulezi w'ebitonde.

Kikulu nnyo era omuntu okumanya nti mu kukyusakyusa embeera, Allah ﷻ y'alabirira ebitonde bye byonna. Y'alabirira ebiri mu ggulu, y'alabirira ebiri ku lukalu, ebiri mu nnyanja, ebiri mu bbanga n'ebiri mu ttaka - n'ebiri yonna gye tutamanyi. Obungi bwabyo tebumulemesa kubibunyisa bulabirizi bwe ng'abangi kubantu olwaleero abaagezesebwa n'entegeera ennema, abalowooza nti bwe bazaala abaana abangi tebajja kusobola kubalabirira nga beerabidde nti nabo bennyini si be beerabirira wabula Omutonzi waabwe Allah y'abalabirira wamu n'abaana baabwe. Yagamba Allah ﷾ nti:

﴿ ۞ وَمَا مِن دَآبَّةٖ فِي ٱلۡأَرۡضِ إِلَّا عَلَى ٱللَّهِ رِزۡقُهَا وَيَعۡلَمُ مُسۡتَقَرَّهَا وَمُسۡتَوۡدَعَهَاۚ كُلّٞ فِي كِتَٰبٖ مُّبِينٖ ٦ ﴾ هود

Tewali (na kimu) mu bitonde byonna ebitambula mu nsi okujjako nga kuli ku Allah okubigabirira. Era amanyi obutebenkero bwabyo n'obuterekero bwabyo. Buli kimu kiri mu kitabo ekyeyolefu.

N'agamba Allah ﷾ nti:

﴿ وَلَا تَقۡتُلُوٓاْ أَوۡلَٰدَكُمۡ خَشۡيَةَ إِمۡلَٰقٖۖ نَّحۡنُ نَرۡزُقُهُمۡ وَإِيَّاكُمۡۚ إِنَّ قَتۡلَهُمۡ كَانَ خِطۡـٔٗا كَبِيرٗا ٣١ ﴾ الإسراء

Era temuttanga abaana bammwe olw'okutya obwavu. Ffe tubalabirira (abaana) nammwe. Mazima okubatta (okuva edda nedda) kisobyo kinene.

Ebikolwa ebyo ebisatu: Obutonzi, Obufuzi, Okukyusakyusa embeera z'ebitonde, omuntu bw'abitongoleza Allah ﷿ yekka, n'amatira n'omutima gwe nti tewali nannyini kukola bikolwa ebyo mu bujjuvu okuggyako Ow'ekitiibwa Allah yekka, omuntu oyo aba akkirizza Tawhiid Rrubuubiyyah.

Kino Kikulu Nnyo

Kikulu nnyo Omusiraamu okumanya nti wadde tewali asobola kuba Musiraamu nga takkiriza Tawhiidi Rrubuubiyyat (gwe tulabye waggulu) si buli amukkiriza nti abeera Musiraamu. Abantu bangi bakkiriza Tawhiidi oyo kyokka nga bakaafiiri ab’ekikolo!

Okukkiriza nti Allah ﷻ ye Mutonzi wa buli kimu, ye Mufuzi ow’okuntikko, y’akyusakyusa embeera z’ebitonde bye era y’abirabirira, tekikufuula Musiraamu singa oyo gw'otongoleza ebikolwa ebyo ate si gw'osinza. Omugaso omuntu gw'afuna mu Tawhiid Rrubuubiyyat, kumanya Allah عَزَّ وَجَلَّ, kumanya buyinza n’obusukkulumu bwe nga n’ekikulu ku byonna kumanya nti: **Oyo akola ebikolwa ebyo ebitasobola kukolebwa kitonde kyonna, ye yekka ateekeddwa okusinzibwa nga tagattiddwako kintu kyonna**. Omuntu bw'atakola ekyo, asigala mukaafiiri yennyini wadde ng’akakasa nti Allah سُبْحَانَهُ وَتَعَالَىٰ ye Mutonzi we era y'amulabirira. Yagamba Allah سُبْحَانَهُ وَتَعَالَىٰ nti:

﴿ يَٰٓأَيُّهَا ٱلنَّاسُ ٱعۡبُدُواْ رَبَّكُمُ ٱلَّذِي خَلَقَكُمۡ وَٱلَّذِينَ مِن قَبۡلِكُمۡ لَعَلَّكُمۡ تَتَّقُونَ ٢١
ٱلَّذِي جَعَلَ لَكُمُ ٱلۡأَرۡضَ فِرَٰشٗا وَٱلسَّمَآءَ بِنَآءٗ وَأَنزَلَ مِنَ ٱلسَّمَآءِ مَآءٗ فَأَخۡرَجَ بِهِۦ مِنَ
ٱلثَّمَرَٰتِ رِزۡقٗا لَّكُمۡۖ فَلَا تَجۡعَلُواْ لِلَّهِ أَندَادٗا وَأَنتُمۡ تَعۡلَمُونَ ٢٢ ﴾ البقرة

Abange mmwe abantu! Musinze Omulezi wammwe oyo eyabatonda mmwe n'abo abaabasookawo musobole okumutya. Oyo eyabafuulira ensi nga mwaliliro (ne musobola okutereerako) n'eggulu n'alibafuulira akasolya, n'abassiza amazzi (enkuba) okuva waggulu, n'afulumya nago ebibala nga bya kulya byammwe. N'olw'ekyo temuteekanga ku Allah Omutonzi ba katonda ab'obulimba nga nammwe mumanyi bulungi nti: (Tewali mulezi abalabirira okujjako Ye).

Mu Ayaat ezo ez'ekitiibwa, Omutonzi Allah yakoowoola abantu bonna bamusinze. N’abawa n’ensonga ze tulabye ezikola Tawhiid Rrubuubiyyah nga bujulizi obulaga nti y'agwanidde okusinzibwa. Anti ye mulezi waabwe oyo eyabatonda n’abo abaabasooka okubeerawo, ye yabafuulira ensi nga mwaliiro n’abazimbira n’eggulu nga kasolya, n’abatonnyeseza enkuba era n'abamereza eby'okulya okuva muttaka. Tolaba nga omuntu akakasa nti Omutonzi Allah y’akola ebikolwa ebyo, ate n'amulekawo n'asinza ebitatonda, ebitasobola kutonnyesa nkuba, ebitasobola kulabirira bitonde wadde okukyusakyusa embeera z'abyo, aba mukaafiiri nnyo era omubuze ow’olulango?

Kikulu nnyo era okumanya nti n’abakaafiiri Tawhiid oyo (Rrubuubiyyat) tebamuwakanya wabula bamukkiriza. Bakakasa nti Allah ﷻ ye Mutonzi. Bakakasa nti ye Mufuzi ow'okuntikko. Bakakasa nti y'akyusakyusa embeera z’ebitonde; y'atta, y'agaggawaza, y’atonnyesa enkuba n’ebikolwa ebirala - kyokka tebayitibwa Basiraamu olw’okuba oyo gwe bakakasa nti y'akola ebyo ate si gwe basinza wabula bamulekawo ne basinza ebintu ebirala ebitagwanidde kusinzibwa nga bwe tunaakiraba mu maaso.

N’abawarabu ab'ekika kya Quraish Omubaka Muhammad ﷺ be yasookeramu okukoowoola okuyingira Obusiraamu, baali bakkiriza nti Allah ﷻ ye Mutonzi waabwe era Omutonzi w’eggulu n’ensi era Akyusakyusa embeera, kyokka bwe baagaana okumusinza yekka, ne bagenda mu maaso n’okusinza amasanamu (ebibumbe), Omubaka yabalwanyisa nga tafuddeeyo nti bakkiriza nti Allah ﷾ ye Mutonzi, Omufuzi, Akyusakyusa embeera zaabwe - mpaka lwe baalangirira nti: Allah ﷿ yekka y'ateekeddwa okusinzibwa. Ekikakasa nti baali bakkiriza nti ebikolwa ebyo Allah ﷾ y'abikola, bwe baagenda mu maaso n’okusinza ebitali Allah, n’okuwakanya obubaka bw'Omubaka Muhammad ﷺ, Allah ﷾ yagamba Omubaka we nti:

﴿ وَلَئِن سَأَلْتَهُم مَّنْ خَلَقَ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضَ وَسَخَّرَ الشَّمْسَ وَالْقَمَرَ لَيَقُولُنَّ اللَّهُ ۖ فَأَنَّىٰ يُؤْفَكُونَ ﴿٦١﴾ ﴾ العنكبوت

Singa ddala obabuuza nti: Ani yatonda eggulu n'ensi, n'agonza enjuba n'omwezi (ne biba nga bikolera ku ngereka Ye)? Baddamu nga bagambira ddala nti: Allah. Olwo bakyusibwa batya (ne bava ku mazima)?!

Allah ﷻ teyatuma Mubaka yenna wadde Nabbi lwa Tawhiid Rrubuubiyyat, era teyassa kitabo kyonna lwa Tawhiid oyo wadde okuba nti abantu n'amajinni byatondebwa lwa Tawhiid oyo. Wabula yatuma Ababaka, n'assa n'ebitabo kujjukiza bantu nti oyo gwe mukakasa nti ye yabatonda, y'alina obufuzi obwokuntikko, y'alina obuyinza ku mbeera zammwe, gwe muteekeddwa okusinza yekka nga temumugasseeko kintu kirala kyonna. Oyo ye Tawhiid ow'okusinza ow'omuteeko ogwokubiri eyakutondesa ggwe nange ayitibwa **Uluuhiyyat.** Yagamba Omugulumivu Allah nti:

﴿ ذَٰلِكُمُ اللَّهُ رَبُّكُمْ ۖ لَا إِلَٰهَ إِلَّا هُوَ ۖ خَالِقُ كُلِّ شَيْءٍ فَاعْبُدُوهُ ۚ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ وَكِيلٌ ﴿١٠٢﴾ ﴾ الأنعام

Oyo ye Allah, Omulezi wammwe! Tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Ye. Omutonzi wa buli kintu, n'olwekyo mumusinze, era Ye Mukuumi wa buli kintu.

TAWHIID ULUUHIYYAT
(OKUTONGOZA ALLAH ﷻ MU KUSINZA)

Tawhiid Uluuhiyyah kwe kutongoza Allah عز وجل mu kusinza. Omuntu ateekeddwa okukkiriza n'omutima gwe era n'ayatuza n'olulimi lwe nti tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Ow'ekitiibwa Allah yekka oyo gwe tumaze okutegeera nti ye Mutonzi waffe, ye Mufuzi w'ebitonde byonna owokuntikko, era Omukyusakyusa w'embeera z'ebitonde byonna ng'ate ye mugabirizi waabyo. Ateekeddwa okukakasiza ddala n'omutima gwe nti buli kyonna ekisinzibwa ekitali Allah kisinzibwa mu bukyamu. Ekintu ekyo nebwe kiba kirongoofu nnyo nga ba Nabbi oba ba Malaika oba nga kya maanyi nnyo ng'enjuba n'omwezi tekisinzibwa. Yagamba Allah عز وجل nti:

﴿ ۞ وَقَضَىٰ رَبُّكَ أَلَّا تَعْبُدُوٓاْ إِلَّآ إِيَّاهُ وَبِٱلْوَٰلِدَيْنِ إِحْسَٰنًاۚ ﴿٢٣﴾ ﴾ الإسراء

Omulezi wo yasalawo nti: Temusinzanga ekirala kyonna okujjako Ye yekka, Era nti: N'abazadde ababiri mubayisenga bulungi.

Tawhiid ono (Uluuhiyyat) y'ayawula wakati w'abasiraamu n'abakaafiiri. Wadde Abasiraamu n'abakaafiiri bonna bakkiriza Tawhiid Rrubuubiyyat (gwe tulabye waggulu), bo Abasiraamu bwe baamanya nti Allah ﷻ ye yabatonda, y'abalinako obufuzi obujjuvu, y'avunaanyizibwa ku mbeera zaabwe zonna ennungi n'embi, baalangirira nti: "***tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah***"

Ate bo abakaafiiri wadde bakkiriza nti Allah سبحانه وتعالى ye yabatonda, y'abafuga, y'akyusakyusa embeera zaabwe, ate bwe baatuuka mu kusinza, baamulekawo ne basinza bantu bannaabwe n'ebintu ebirala ebitaabatonda, ebitabalinaako buyinza bwonna nga n'ekisinga okunakuwaza kwekuba nga nabyo bitonde nga bo. Yabuuza Allah عز وجل nti:

﴿ أَيُشْرِكُونَ مَا لَا يَخْلُقُ شَيْـًٔا وَهُمْ يُخْلَقُونَ ﴿١٩١﴾ وَلَا يَسْتَطِيعُونَ لَهُمْ نَصْرًا وَلَآ أَنفُسَهُمْ
يَنصُرُونَ ﴿١٩٢﴾ ﴾ الأعراف

Abaffe! Bagatta (ku Allah) ebyo ebitasobola kutonda kintu kyonna ng'ate nabyo (ebigattibwa ku Allah) bitonde?! Era ebitasobola kubataasa wadde byo byennyini okwetaasa?!

Ne balangirira nti "Yesu amala"!! Tebalaba bwetaavu bwonna mu Mutonzi waabwe Allah – anti Yesu abamalira! Emirundi gye bakoowoola Yesu n'okumutendereza n'okumuwaana mingi nnyo okusinga gye boogera ku Allah (Katonda) eyamutuma! Abalala bawulirwa nga bakoowoola ow'ekitiibwa Mariyamu (Biikira Mariya) – muntu munnaabwe eyafa edda- abayambe mu bizibu byabwe ne balekawo Omutonzi waabwe Allah omulamu atalwala! Abamu basinza lubaale, nga bwe bafuna ebizibu baddukira mu masabo kusaba lubaale abataase ebizibu ebyo ne balekawo Omutonzi atalemelerwa kintu kyonna.

Waliwo abasinza emiti, ensozi, ensolo, enjuba, omuliro, amajinni, emmunyenye ate abalala ne basinza obubumbe bwe beebumbira bennyini n'emikono gyabwe ne babwesiigira ne langi! Ekyewuunyisa, obubumbe obwo babuwanjagira, babugula n'ensimbi zaabwe ate ne babusaba obugagga n'ebintu ebirala! Babutya, babwebaza, babusaddaakira, babweyamira, babwetoowaliza, babuvunnamira, babwenenyeza ne babukolera n'ebika by'okusinza ebirala! Bakimanyi bulungi nti bufu tebutegeera, tebwogera, tebuwulira, tebulaba, tebunyiiga ate tebusanyuka, tebusobola kwetuusaako migaso wadde okwereetera ebizibu, tebusiima era tebutoma, tebwebaza wadde babusaddaakira, we babuleka we babusanga enkeera, tebusobola kulwanirira kintu kyonna wadde bwo bwennyini okwerwanirira - anti bamanyi n'okubuteekako abakuumi obutabubba!! Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ إِنَّ ٱلَّذِينَ تَدۡعُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ عِبَادٌ أَمۡثَالُكُمۡۖ فَٱدۡعُوهُمۡ فَلۡيَسۡتَجِيبُواْ
لَكُمۡ إِن كُنتُمۡ صَٰدِقِينَ ﴿١٩٤﴾ أَلَهُمۡ أَرۡجُلٞ يَمۡشُونَ بِهَآۖ أَمۡ لَهُمۡ أَيۡدٖ يَبۡطِشُونَ بِهَآۖ
أَمۡ لَهُمۡ أَعۡيُنٞ يُبۡصِرُونَ بِهَآۖ أَمۡ لَهُمۡ ءَاذَانٞ يَسۡمَعُونَ بِهَاۗ ﴿١٩٥﴾ ﴾ الأعراف

Mazima ebyo bye musaba ebitali Allah biddu (bya Allah) nga mmwe. Kale mubisabe bibaanukule bwe muba ab'amazima. Abaffe! birina amagulu ge bitambuza oba birina emikono gye bikwasa? Birina amaaso ge birabisa oba birina amatu ge biwuliza?!

Kale baakaafuwalira Omutonzi Allah oyo gwe bakakasa nti ye yabatonda, y'abalabirira, y’abalinako obuyinza obujjuvu, ne Allah ﷻ n'abanyigira olunyigira olw'amaanyi olw'obulyazaamaanya bwabwe n'olw'okumujooga n’okumukkakkanya n'abassaako ebikolimo bye, n'abagoba mu kusaasira kwe, n’abalangirirako ekigambo ekitalikyuka nti buli yenna afa nga mukaafiiri wa kuyingira omuliro agubeeremu obugenderevu n’obugenderevu. Yagamba Omutonzi Allah ﷻ nti:

﴿ إِنَّ ٱللَّهَ لَعَنَ ٱلۡكَٰفِرِينَ وَأَعَدَّ لَهُمۡ سَعِيرًا ﴿٦٤﴾ خَٰلِدِينَ فِيهَآ أَبَدٗاۖ لَّا يَجِدُونَ وَلِيّٗا وَلَا نَصِيرٗا
﴿٦٥﴾ يَوۡمَ تُقَلَّبُ وُجُوهُهُمۡ فِي ٱلنَّارِ يَقُولُونَ يَٰلَيۡتَنَآ أَطَعۡنَا ٱللَّهَ وَأَطَعۡنَا ٱلرَّسُولَا۠ ﴿٦٦﴾ ﴾
الأحزاب

Mazima Allah yakolimira abakaafiiri n'abateekerateekera omuliro ogwokya; Ba kugubeeramu obugenderevu n'obugenderevu, tebalifuna mutaasa wadde omuyambi. Olunaku lwe balikyusibwakyusibwa ebyenyi byabwe mu muliro nga bwe bagamba nti: Nga zitusanze ffe! Singa twagondera Allah ne tugondera n'Omubaka we.

N'agamba Nannyini buyinza Allah nti:

﴿ إِنَّ ٱلَّذِينَ كَفَرُواْ وَظَلَمُواْ لَمۡ يَكُنِ ٱللَّهُ لِيَغۡفِرَ لَهُمۡ وَلَا لِيَهۡدِيَهُمۡ طَرِيقًا ١٦٨ إِلَّا طَرِيقَ جَهَنَّمَ خَٰلِدِينَ فِيهَآ أَبَدٗاۚ وَكَانَ ذَٰلِكَ عَلَى ٱللَّهِ يَسِيرٗا ١٦٩ ﴾ النساء

Mazima abo abaakaafuwala ne balyazaamaanya Allah tabangako wa kubasonnyiwa wadde okubalungamya eri ekkubo (eggolokofu), wabula (okubazza eri) ekkubo ly'omuliro Jahannama nga ba kugubeeramu olubeerera. Ekyo nno eri Allah kyangu nnyo.

Nsaba Allah ﷻ atutaase obukaafiiri era atutaase omuliro n'abo bonna abalituvaamu.

OMUKAAFIIRI Y'ANI?

Olw'okuba ekitabo kino kikwatagana ku nzikiriza, ate nga fenna tukimanyi bulungi nti obukkiriza kye kyennyume ky'obukaafiiri, ekigambo "bukaafiiri oba mukaafiiri" tekisobola kwewalika mu kitabo kino. Olw'okuba kye kimu ku bigambo ebisinga okuwaawaaza n'okukaayirira amatu g'abamu ku bantu, kya buvunaanyizibwa okukiwa akafo kano mbeeko bye nkitangaazaako nga tetunnagenda mu maaso.

Ekigambo mukaafiiri bwe kyogerwa atali Musiraamu, aba ategeeza omuntu atalina ddiini oba atalina ky'asinza. Ate mu nzikiriza y'obusiraamu, kitegeeza "omuwakanyi", nga ye muntu awakanya okusinzibwa kwa Allah ﷻ yekka n'obubaka bw'Omubaka we Muhammad ﷺ. Mu bufunze, kitwaliramu buli yenna agamba nti talina ddiini, n'oyo agamba nti alina eddiini kyokka ng'eddiini ye ewakanya okusinzibwa kwa Allah ﷻ yekka n'obubaka bw'Omubaka we Muhammad ﷺ.

Ne kitwaliramu n'oyo agamba nti Musiraamu kyokka ng’akola ebintu ebijja omuntu mu Busiraamu ng’okusamira, okuloga, okwalula abalongo, okufuuwa emmindi n’ebirala.

Olw’okuba abatali Basiraamu bo bamanyi nti omukaafiiri y’atalina ddiini, bwe bawulira Omusiraamu ng’abayise abakaafiiri balowooza nti ategeeza nti tebalina ddiini oba tebalina kye basinza. So bo Abasiraamu bamanyi nti ekiwonya omuntu obukaafiiri si kuba nti alina eddiini oba nti alina ky’asinza wabula ekimuwonya obukaafiiri kwe kuba nti eddiini gy'alimu ntuufu nga n'ekyo ky'asinza kye kiteekeddwa okusinzibwa.

Singa omuntu asinza muntu munne, ne bw'aba Nabbi, oba n'asinza Malaika oba ejjinni oba enjuba oba omuti oba ensolo oba ejjinja oba yirizi oba ekintu kyonna ekitali Allah ﷾, oba n’asinzaayo ekimu kw'ebyo nga bw'asinza ne Allah ﷾, omuntu oyo Obusiraamu bumuyita mukaafiiri nga tebufuddeeyo yeeyita Musiraamu, oba Mukatoliki oba Muprotestante n’amadiini amalala.

Singa tukkiriza nti buli alina eddiini oba ky'asinza ali ku kituufu, olwo abatonzi bali bameka? Ddala waliwo obwongo obukkiriza nti amadiini agali mu bikumi gonna matuufu era nti Allah ﷾ asiima bye galiko? Gwe tolaba ekibuuzo Nabbi Yuusuf (عليه السلام) kye yabuuza basibe banne ababiri mu kkomera nga tannabavvuunulira birooto byabwe? Allah ﷾ atunyumiza ku ye nti:

﴿ يَٰصَٰحِبَيِ ٱلسِّجۡنِ ءَأَرۡبَابٞ مُّتَفَرِّقُونَ خَيۡرٌ أَمِ ٱللَّهُ ٱلۡوَٰحِدُ ٱلۡقَهَّارُ ٣٩ ﴾ يوسف

Abange mmwe basibe bannange mwembiriri!
(Mbabuuza): Ba katonda ab'enjawulo (abasaasaanye, abaawukamuyawukamu) be balungi oba Allah Omu, oyo Omukasi?

Omuntu bw'agamba nti ndi Musiraamu ate n'asangibwa ng’alina essabo, oba ng’agendayo mbu okumalirayo ebizibu bye oba nga mulogo oba ng'alina ebigali wansi w’ekitanda oba entanga mu mulyango oba ng’ayalula abalongo oba ng'agema enkuba oba ng'afuuwa emmindi ey'eddogo oba ng'asinza Nabbi Muhammad ﷺ oba Nabbi omulala yenna, ne bw'aba asaala Obusiraamu bumuyita mukaafiiri nga tebufuddeeyo ku kusaala kwe wadde okusiiba kwe wadde hijja ye wadde erinnya lye. Emirimo egyo n'emirala gigasa oyo yekka eyamenyawo okusinzibwa kw'ebitali Allah سُبْحَانَهُ وَتَعَالَىٰ **byonna** n'ayimirizaawo okusinzibwa kwe **yekka**.

Mungeri y'emu bwe tusanga omuntu ng’asinza Nabbi Isah (Yesu), gw'awanjagira amuyambe oba biikira Mariya oba Yuda taddeewo, oba mwoyo mutukuvu, oba akabumbe konna oba ekintu kyonna ekitali Mutonzi Allah, oba ng'agamba nti Katonda ali omu mu basatu - tumuyita mukaafiiri ne bw'aba nga ye yeerowooza okuba omusomi. Anti Omutonzi ateekeddwa kusinzibwa yekka ate ng'asinzibwa butereevu so si kuyitira mu kintu kyonna kubanga awulira nnyo era alaba nnyo era teyeetaaga kintu kyonna kimuyambako kumanya mbeera z'abaddu be. Omuntu asinza ekintu kyonna nga yeerimbika mu kuba nti ayitiramu kiyitire okutuuka eri Allah ﷻ, Allah yamwesamba era n'alaga nti mukaafiiri. Yagamba omulungi Allah nti:

﴿ أَلَا لِلَّهِ ٱلدِّينُ ٱلْخَالِصُ ۚ وَٱلَّذِينَ ٱتَّخَذُوا۟ مِن دُونِهِۦٓ أَوْلِيَآءَ مَا نَعْبُدُهُمْ إِلَّا
لِيُقَرِّبُونَآ إِلَى ٱللَّهِ زُلْفَىٰٓ إِنَّ ٱللَّهَ يَحْكُمُ بَيْنَهُمْ فِى مَا هُمْ فِيهِ يَخْتَلِفُونَ ۗ إِنَّ ٱللَّهَ لَا يَهْدِى
مَنْ هُوَ كَٰذِبٌ كَفَّارٌ ﴿٣﴾ ﴾ الزمر

Abange! Ya Allah (yekka) eddiini entukuvu. Kyokka abo abeeteerawo ebisinzibwa ebitali Ye (beekwasa nti): Tetubasinza okujjako lwa kutusembeza okumpi ne Allah. Mazima Allah ajja kulamula wakati waabwe mw'ebyo bye baayawukanangamu. Mazima Allah talungamya oyo omulimba, omukaafiiri.

N'olwekyo omuntu yenna asinza ekintu kyonna nga yeerimbise mu kuba nti ayitiramu kiyitire (intercession), ng'abasaba Yesu ebyetaago byabwe, abalaajanira biikira Maariya abayambe oba abasaba Mwoyo mutukuvu, oba Yuda Taddeewo oba abeenenyeza ba Faaza ne babasaba okubasonnyiwa oba okubassaako emikisa oba abasaba n'okusaddaakira obubumbe oba abasaba ba Malaika oba Abasiraamu abalongoofu abaafa oba ba Nabbi, Yee – ne bw'aba Nabbi Muhammad, Allah yakirambika bulungi nti akola ekyo, aba mukaafiiri nga Aya eyo waggulu bw'ogiraba.

Okumanya ekikolwa ekyo kya bukaafiiri nnyo, kirimu okukkakkanya Omutonzi Allah okumufaanaganya n'ebitonde bye. Anti omuntu omukulembeze ye yeetaaga abantu abamuyambako okumanya ebyetaago n'ebizibu by'abo b'akulembera. N'abakulemberwa be beetaaga abantu ab'okubatuusa eri oyo abakulembera kubanga ababakulembera tebalina ngeri gye bayinza kumanyamu bizibu byabwe okujjako nga beeyambisizza ba kayungirizi. Mu ngeri y'emu abakulembera olw'emitima gyabwe emirwadde, n'olw'okweyagaliza bokka, n'okufa ku benganda zaabwe bokka, n'olw'obukambwe bwabwe, n'okwekuza, n'obutaagala kwesembereza be bakulembera, abantu babatya. Awo ne kyetaagisa omuntu alina enkizo eri omukulembeze oyo okumutuukirira n'okumumatiza n'okumuteekamu okusaasira eri oyo akulemberwa asobole okuyambibwa.

Naye yye Omutonzi Ow'ekitiibwa Allah, bw'atyo si bw'ali; Amanyi ebizibu by'ebitonde bye byonna - si bantu bokka. Abiri kumpi nnyo era awulira nnyo, teyeetaaga muntu kumutuusaako mawulire gonna gafa ku bitonde bye. Ye nannyini kusaasira era ye yatondera mu bantu okusaasira, n'olwekyo, teyeetaaga kitonde kyonna kumunnyonnyola na kumusikiriza alyoke afune okusaasira eri ebitonde bye. Kati bwetaavu ki obw'okuyitira mu kintu kyonna okutuuka eri Allah? Ye, abo ba kayungirizi abantu

be beeteerawo, bagezaako kubuulira Allah ebyo by'atamanyi mu nsi ye gye yeetondera, gy'alabirira?! Mulowooza ki ku kigambo kya Allah kino eky'ekitiibwa?

﴿ وَيَعۡبُدُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ مَا لَا يَضُرُّهُمۡ وَلَا يَنفَعُهُمۡ وَيَقُولُونَ هَٰٓؤُلَآءِ شُفَعَٰٓؤُنَا عِندَ ٱللَّهِۚ قُلۡ أَتُنَبِّـُٔونَ ٱللَّهَ بِمَا لَا يَعۡلَمُ فِي ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَلَا فِي ٱلۡأَرۡضِۚ سُبۡحَٰنَهُۥ وَتَعَٰلَىٰ عَمَّا يُشۡرِكُونَ ١٨ ﴾ يونس

Ne basinza ebyo ebitali Allah Omutonzi; Ebyo ebitasobola kubatuusaako mutawaana gwonna wadde okubagasa! Ne bagamba nti: Abo be bawolereza baffe eri Allah. Bagambe nti: Mutegeeza Allah ebyo by'atamanyi mu ggulu oba mu nsi?! Yayawukana Allah n'asukkuluma kw'ebyo bye bamugattako!

Ate kino?

﴿ وَإِذَا سَأَلَكَ عِبَادِي عَنِّي فَإِنِّي قَرِيبٌۖ أُجِيبُ دَعۡوَةَ ٱلدَّاعِ إِذَا دَعَانِۖ فَلۡيَسۡتَجِيبُواْ لِي وَلۡيُؤۡمِنُواْ بِي لَعَلَّهُمۡ يَرۡشُدُونَ ١٨٦ ﴾ البقرة

Abaddu bange bwe baba bakumbuuzizza (bagambe nti): Mazima nze ndi kumpi (nnyo nabo); Nyanukula okusaba kw'ansaba yenna singa aba ansabye. Kale bannyanukule (n'okugondera amateeka gange) era banzikirize balyoke balungame.

LAA ILAAHA ILL'ALLAH

Ekigambo ekyo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** gwe musingi era ky'ekikolo kya Tawhiid eyatutondesa era eyatumisa ababaka bonna, ayawula wakati w'abasiraamu n'abakaafiiri gwe tuva okulaba waggulu ayitibwa Uluuhiyyat. Tewali asobola kuba Musiraamu okuggyako nga yakkiriza amakulu g'ekigambo ekyo n'omutima gwe era n'akyatula n'olulimi lwe – okuggyako Kasiru atasobola kwogera oba omwana omuto Omubaka ﷺ gwe yayogerako mu Hadiith eva ku Abu Hurairat ﷺ nti:

يُوْلَدُ المَوْلُوْدُ عَلَى الفِطْرَةِ فَأَبَوَاهُ يُهَوِّدَانَهُ أَوْ يُنَصِّرَانَهُ أَوْ يُمَجِّسَانَهُ (مُتَّفَقٌ عَلَيْهِ)

Buli azaalibwa, azaalibwa ku bubumbwa bw'Obusiraamu. Bazadde be, be bamufuula omuyudaaya oba omukurisitaayo oba omusinza w'omuliro. ***(Yeegattibwako)***

Obujulizi obulaga nti omuntu ateekeddwa okukyatula alyoke abe Omusiraamu, kye kiragiro ky'ow'ekitiibwa Allah ﷻ kye yalagira nti:

﴿ قُولُوٓاْ ءَامَنَّا بِٱللَّهِ ﴿١٣٦﴾ ﴾ البقرة

Mugambe nti tukkirizza Allah

Omuntu bw'afa nga yakikkiriza n'omutima gwe n'akyatula n'olulimi lwe aba wa mu Jjana. Ate bw'afa nga teyakikkiriza n'omutima, ne bw'aba yakyatula n'olulimi aba wa mu Muliro obugenderevu n'obugenderevu era oyo Obusiraamu gwe buyita omukaafiiri omunnanfuusi. Ate omukaafiiri ow'olwatu y'oyo eyakigaanyisa omutima n'olulimi.

AMAKULU GAAKYO

Kitegeeza nti “**tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah**” kye tuyiga mu makulu g’ekigambo ekyo kiri nti: **Ekitali Allah ﷻ bwe kisinzibwa, kiba kisinziddwa mu bukyamu**. N’olwekyo kimanye nti omuntu avvuunula ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** nti “tewali kisinzibwa mu biriwo byonna okuggyako Allah”, aba akivvuunudde mu bukyamu olw’ensonga zino wammanga:

Esooka, aba ng’ategeeza nti tewali kisinzibwa kitali Allah ﷻ. Abasinza bonna basinza Allah! kubanga agambye nti: “***tewali kisinzibwa mu biriwo byonna okuggyako Allah***”. So ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ weebiri bingi. Waliwo abasinza abantu nga bwe twakirabye, waliwo abasinza enjuba, emiti, emmunyenye, lubaale, ebibumbe n’ebirala – wabula ebintu ebyo byonna bisinzibwa mu bukyamu. Ekisinzibwa mu butuufu ye Allah ﷻ yekka. N'olwekyo enzivuunula entuufu eri nti: "Tewali kisinzibwa **mu butuufu** okuggyako Allah". Singa ekigambo “mu butuufu” kibulamu, kiba kivvuunuddwa mu bukyamu. Yagamba Omu Allah nti:

﴿ ذَٰلِكَ بِأَنَّ ٱللَّهَ هُوَ ٱلْحَقُّ وَأَنَّ مَا يَدْعُونَ مِن دُونِهِۦ هُوَ ٱلْبَٰطِلُ وَأَنَّ
ٱللَّهَ هُوَ ٱلْعَلِيُّ ٱلْكَبِيرُ ﴿٦٢﴾ ﴾ الحج

Ekyo lwa kuba nga Mazima ddala Allah ye (asinzibwa mu) Butuufu, era mazima ddala ebyo bye basinza ebitali Ye byo (bisinzibwa mu) bukyamu. Era mazima Allah ye wa Waggulu, Omunene.

Ensonga eyookubiri, bw'aba tategeeza ekyo kye tulabye waggulu, aba ategeeza nti ebyo byonna ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ, nabyo biyitibwa Allah!

Ensonga eyookusatu, singa akyusaamu n’avvuunula nti: “tewali kisinzibwa mu biriwo byonna mu butuufu okuggyako Allah”, ekigambo “***mu biriwo byonna***” kiba kitegeeza nti ebyasinzibwanga edda ebitali Allah ﷾ ebitakyaliwo kati, byasinzibwanga mu butuufu oba ebitaliiwo kati naye nga bijja kubaawo bisinzibwe bijja kuba bisinziddwa mu butuufu! N’olwekyo enzivuunula entuufu eri nti **“tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah”.**

Omuntu bwa'salawo okuyingira Obusiraamu, akkiriza ekigambo ekyo n’omutima gwe era n’akyatula n’olulimi lwe n’abeera ng’ayingidde eddiini y'obusiraamu. Wabula kikulu okumanya nti bangi mu bantu boogera ekigambo ekyo nga n’abamu baazaalibwa mu Busiraamu (tebaasiramuka busiramusi nga bamaze kukula) kyokka ng’ekyennaku si Basiraamu - wabula nga bakaafiiri bennyini wadde nga beeyita Basiraamu!

Ekigambo ekyo kirina empagi zaakyo bbiri n’obukwakkulizo musanvu. Singa omuntu asuulako emu ku mpaji ebbiri oba akamu ku bukwakkulizo omusanvu, ne bw'ayogera ekigambo ekyo – ***Laa ilaaha Ill'Allah*** – buli ddakiika, taba Musiraamu. N'olwekyo faayo nnyo okwekebera okakase nti empaji zaakyo ebbiri oziyimirizaawo wamu n’obukwakkulizo bwakyo okakasize ddala nti oli Musiraamu.

EMPAJI ZAAKYO EBBIRI

Esooka eyitibwa **Annafi,** ekitegeeza okumenyawo oba okuwakanya okusinzibwa kw’ekintu kyonna ekitali Allah ﷾.
Eyookubiri eyitibwa **Al – ithbaat,** ekitegeeza okunywezaawo okusinzibwa kwa Allah ﷾ yekka. Empaji ezo ebbiri, ze zikola ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** kye twalabye waggulu nti gwe musingi gwa Tawhiid eyatutondesa (Uluuhiyyat) era kye twalabye nti bwe Busiraamu bw’omuntu.

ANNAFI

Annafiyu, kitegeeza okumenyawo oba okuwakanya okusinzibwa kw’ekintu kyonna ekitali Allah ﷻ. Nga bwe twakirabye nti ebisinzibwa ebitali Allah weebiri bingi kyokka nga byonna bisinzibwa mu bukyamu, okumenyawo okusinzibwa kw’ebintu ebyo kwe kuyitibwa “Annafi” era ky’ekitundu ekisooka eky’ekigambo ekisinga okuba eky’ekitiibwa. Ekitundu ekyo kiyitibwa “***Laa ilaaha***”. Ekivvuunulwa nti: “Tewali kisinzibwa mu butuufu”.

AL – ITHBAAT

Al- ithbaat, kitegeeza okunywezaawo okusinzibwa kwa Allah ﷻ yekka. N’omanya era n'okkiriza nti asinzibwa mu butuufu ye Allah ﷻ, Omutonzi, Omulabirizi w’ebitonde byonna, Omufuzi owokuntikko era Akyusakyusa embeera. Okunywezaawo okusinzibwa kwa Allah ﷻ yekka (Al – ithbaat) kye kitundu ekisembayo eky’ekigambo kyaffe eky’ekitiibwa. Ekitundu ekyo kiyitibwa: “***Ill'Allaah***”. Ekivvuunulwa nti: “Okuggyako Allah yekka”. Ow'ekitiibwa Allah ng’akkaatiriza amakulu g’ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** n’empaji zaakyo ze tulabye ebbiri, yagamba:

﴿ قَد تَّبَيَّنَ ٱلرُّشْدُ مِنَ ٱلْغَيِّ ۚ فَمَن يَكْفُرْ بِٱلطَّٰغُوتِ وَيُؤْمِنۢ بِٱللَّهِ فَقَدِ ٱسْتَمْسَكَ بِٱلْعُرْوَةِ ٱلْوُثْقَىٰ لَا ٱنفِصَامَ لَهَا ۗ وَٱللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٥٦﴾ ﴾ البقرة

Mazima obulungamu bweyolese nga bweyawula ku bubuze; Omuntu yenna 'awakanya ebyo byonna ebisinzibwa ebitali Allah, n'akkiriza Allah (nti ye yekka asinzibwa mu butuufu)', Mazima aba yeekutte ku nngango enngumu etakutuka (*Laa ilaaha Ill'Allah*). Ne Allah Awulira nnyo era Amanyi nnyo.

N'agamba Allah ﷻ ng'anyumya ku muddu we Ibrahiim عليه السلام:

﴿ وَإِذْ قَالَ إِبْرَٰهِيمُ لِأَبِيهِ وَقَوْمِهِۦٓ إِنَّنِى بَرَآءٌ مِّمَّا تَعْبُدُونَ ﴿٢٦﴾ إِلَّا ٱلَّذِى فَطَرَنِى فَإِنَّهُۥ سَيَهْدِينِ ﴿٢٧﴾ ﴾ الزخرف

Jjukira mu kiseera (Nabbi) Ibrahiim we yagambira kitaawe n'abantu b'ekibiina kye nti: Mazima ddala nze nneesambye ebyo byonna bye musinza (ebitali Allah) Okujjako (nja kusinza) oyo eyantonda yekka kubanga mazima ddala ajja kunnungamya.

Singa omuntu asuulako emu ku mpaji ebbiri ezo ze tulabye, taba Musiraamu. Ne bw'asaala, n'asiiba, n'akola Hijja, n'asaddaaka, n'ayisa bulungi abazadde n'omuliraano n'akola n'emirimo emirala emirungi, tafuna mpeera yonna mu mirimo gye egyo. Weetegereze ebyokulabirako bino wammanga osobole okunnyonnyoka obulungi ensonga eno enkulu ennyo.

Eky'okulabirako ekisooka

Singa omuntu ayimirizaawo Esswala ettaano nga tewali n'emu emuyitako, kyokka ng'alina yirizi gye yeesigamira okumuwa emirimu oba emirembe oba obugagga oba obukuumi oba amagezi oba oluzaalo, Esswala ze n'emirimo emirala gyonna emirungi tabifunamu mpeera yonna kubanga tamenyangawo kusinzibwa kwa yirizi ate nga y'empaji esooka (okumenyawo ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ). Kitegeeza nti omuntu oyo talina Tawhiid era tasiramukanga kubanga talina kigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** ekikolebwa empaji ebbiri zetulabye waggulu.

Eky'okulabirako ekyokubiri

Singa omusajja aba Imaam wa Masjid, nga y'asaaza Abasiraamu mu kitundu ekyo era nga y'abasomesa n'eddiini era nga y'anaaza abafu era n'abasaalira kyokka nga y'omu ate abalagula n'ababuulira ababaloga oba y'abawa eddagala erikwata ababbi oba y'abawa eddogo ly'obuganzi oba

ery’okwawukanya abafumbo, y’abawa eddagala ly’okufuna emirimo oba yirizi ze basiba mu baana n’ebirala ebifaananako bwe bityo, omusajja oyo aba mukaafiiri olw'okuba tamenyangawo bisinzibwa bitali Allah ﷻ wadde adyekadyeka abantu nti asinza Allah, era tafuna mpeera yonna mu mulimo gwonna mu maaso ga Allah ﷻ wadde nga asaala n’asaaza n’abantu, n'ababuulilira n’akola n’emirimo emirala egy’eddiini.

Kimanye nti omusajja oyo okufuuka omusamize oba omulaguzi shaytwan zimala kumuwa bukwakkulizo ziryoke zikolagane naye. Obukwakkulizo obwo bw'abutuukiriza, awo nga zitandika okukolagana naye kubanga aba atuuse ku ddaala ly'obukaafiiri lye zimwagalako. Obumu ku bukwakkulizo bwe zimuwa mulimu okusuula Qur'aan ey'ekitiibwa mu kaabuyonjo oba okuyoozesa empapula zaayo entukuvu empitambi! Zimulagira okuwandiika ayaat za Qur'aan ng'aziwandiisa omusaayi gw'ensonga z'abakyala (heidh) oba okuvuma Allah ﷻ oba Nabbi ﷺ n'ebikolwa ebirala eby'obukaafiiri obw'ekika ekya waggulu obutayinza kubuusibwabuusibwa muntu yenna alina empeke y'obukkiriza mu mutima gwe. Oyo nno y'ayitibwa omukubi w'ebitabo. Aba musamize yennyini kyokka ng'obukaafiiri bwe abwambaza ekifaananyi ekisiraamu okubuzaabuza abo abatafaayo kusoma ddiini yaabwe. Anti zi yirizi z'awa abantu aziwandiikako ennyukuta ez'ekiwarabu mu bigambo ebitategeerekeka makulu gaabyo, atafaayo kusoma ddiini n'alowooza nti amuwandiikidde ayaat za Qur'aan oba dduwa so nga ne bw'aba amuwandiikidde ayaat za Qur'aan oba dduwa azeesibe era aba amuwadde yirizi emanyiddwa nti agyesiba aba akoze shirik. Aba mukaafiiri nnyo okusinga omusamize ateeyita Musiraamu.

Omusiraamu takkirizibwa kugenda wa mukaafiiri oyo olw'ensonga yonna era agendayo taba na njawulo na muntu agenze mu ssabo ery'ekinnansi. Takkirizibwa kusaalira mabega we ng’ate akimanyi nti musamize, oba mukubi wa kitabo – nga

bwe batera okuyitibwa. Esswala zonna z'asaazibwa murtadi oyo ziba nfu era Allah ﷻ aba ajja kuzimubanja ng'atuuse mu maaso ge. Ate singa agamba nti Imaam oyo Musiraamu era ng'amulwanirira okubeera Imaam ku masjid yonna ng'ate akimanyi nti musamize, n'oyo (amulwanirira) akaafuwala kubanga mu bintu ekkumi ebijja omuntu mu Busiraamu mulimu okugaana okukaafuwaza omukaafiiri oba okubuusabuusa mu bukaafiiri bwe. Kitegeeza nti naye Obusiraamu bwe yeekakaatikamu tamanyi kye butegeeza oba okuba nti naye akkiririza mw'ebyo Imaam oyo omukaafiiri by'akola. Mu mbeera zombi aba mukaafiiri era ye ne Imaam we bwe bafiira ku mbeera eyo baba ba mu muliro obugenderevu n'obugenderevu. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿إِنَّهُۥ مَن يُشۡرِكۡ بِٱللَّهِ فَقَدۡ حَرَّمَ ٱللَّهُ عَلَيۡهِ ٱلۡجَنَّةَ وَمَأۡوَىٰهُ ٱلنَّارُۖ وَمَا لِلظَّٰلِمِينَ مِنۡ أَنصَارٖ ٧٢﴾ المائدة

Mazima ddala omuntu yenna agatta ku Allah ekintu ekirala, Allah yaziyiriza ddala ku ye okuyingira Ejjana, n'obuddo bwe muliro. Era abalyazaamaanya tebalina mutaasa yenna.

Ekyennyamiza Ennyo!!!

Ekyennyamiza era eky'ennaku ennyo, kwe kuba ng'abantu bangi batawaana n'okusaala, n'okusiiba, n'okuwaayo emmaali yaabwe, n'okwerekereza obutalya n'obutanywa byaziyizibwa, ne bakola n'emirimo emirala kyokka nga tebafuna mpeera yonna mu bye bakola wadde bye beerekereza olw'okuba si Basiraamu. Abamu balumbibwa n'abalabe b'obusiraamu ne babatta. Abalabe ne bagenda nga beewaana nti tusse Abasiraamu bwe bati kyokka nga bambi basse baganda baabwe mu bukaafiiri wabula ng'enjawulo kuba nti babasanze mu makanzu oba nga batadde ku mitwe gyabwe enkoofiira oba nga beebikkiridde oba nga balina amannya g'ekisiraamu!!

Omussi ne gwe basse bombi ba mu muliro obugenderevu n'obugenderevu! Anti enzikiriza y’abassi y'emu n'eyabattiddwa; Omussi asinza muntu munne, gw'awanjagira, gwe yeebaza, gwe yeeyamira, gw'asaba, gw'atendereza ate attiddwa asinza lubaale; gw'awanjagira, gw'asaba obugagga, emirimo, enzaalo, obuganzi, n’ebirala. Bombi basinza bitali Allah ﷻ. Abassi basinza obubumbe bwe beebumbira n’emikono gyabwe ate be batta basalira emisinji, obusolya, ttanuulu, ebidduka, emizimu, enkoko oba embuzi oba endiga. Abasse basinza lubaale Mukasa, Kibuuka, Ddungu ate be basse balina entanga mu miryango mbu ezitangira ebizibu obutayingira mu nju, balina yirizi, beeraguzalaguza n’okukaaba kw’ebinyonyi oba ebisolo oba okusala kw’emmese oba omuntu gwe basoose okusisinkana mu lugendo, tebawola kumakya, tebagoba kasitoma asooka okubagulako ku makya, balina ebigali wansi w'ebitanda n’ebifaananako bwe bityo. Babadde balwanyisa era nga bakyayira ddala abababuulilira obutakola shiriki nga babayita ab'oludiinidiini abamu ne batuuka n’okugoba abaana baabwe mu kika olw'okugaana okubagondera mu kukola shiriki – kyokka nga beeyita Basiraamu!! Yagamba Omutonzi Allah ﷻ nti:

﴿ قُلۡ أَفَغَيۡرَ ٱللَّهِ تَأۡمُرُوٓنِّيٓ أَعۡبُدُ أَيُّهَا ٱلۡجَٰهِلُونَ ٦٤ ﴾ الزمر

Bagambe nti: Atali Allah gwe mundagira nsinze abange mmwe abajjudde obutamanya?!

Abamu bagobebwa mu family zaabwe kubanga basiramuse kyokka bwe batuuka mu Busiraamu ate ne bakola ebikolwa ebibazzaayo mu bukaafiiri wadde nga basigadde beeyita Basiraamu nga n’okukyayibwa abantu baabwe kusigaddewo. Anti omwami eyafuuka ensonga y’okusiramuka kwe ate gw'aliisa ebiriika n’ebitaliika asobole okuganja, oba okuloga mujjawe oba okunoonyeza oluzaalo mu masabo - n’ebikolwa ebirala ebijja abantu mu Busiraamu ne basigala nga beelowooza okuba Abasiraamu.

Kimanye nti Ow'ekitiibwa Allah takkiriza kusinza kwa muntu yenna atali Musiraamu. Anti asinza nga talina Tawhiid aba ng'omuntu asaala nga talina wuzu; ng'esswala ye bw'etasobola kukkirizibwa, n'okusinza kw'atalina Tawhiid kwonna bwe kutasobola kukkirizibwa. Okusinza kwokka Allah عَزَّ وَجَلَّ kw'akkiriza mu mukaafiiri kubeera kusiramuka n'akkiriza Allah عَزَّ وَجَلَّ n'aleka shirik. N'olwekyo sooka weekebere nga tonnakola mulimo gwonna. Singa weesanga ng’olina ky'okola ekijja omuntu mu Busiraamu, enkoofiira n’ekkanzu n’erinnya tebikulimba. Sooka okireke weenenyeze Allah ﷻ awo olyoke okole ibaada endala nga tomenyekera bwereere. Yagamba Allah سُبْحَانَهُ وَتَعَالَى:

﴿ قُلْ هَلْ نُنَبِّئُكُم بِٱلْأَخْسَرِينَ أَعْمَٰلًا ﴿١٠٣﴾ ٱلَّذِينَ ضَلَّ سَعْيُهُمْ فِى ٱلْحَيَوٰةِ ٱلدُّنْيَا وَهُمْ يَحْسَبُونَ أَنَّهُمْ
يُحْسِنُونَ صُنْعًا ﴿١٠٤﴾ أُو۟لَٰٓئِكَ ٱلَّذِينَ كَفَرُوا۟ بِـَٔايَٰتِ رَبِّهِمْ وَلِقَآئِهِۦ فَحَبِطَتْ أَعْمَٰلُهُمْ فَلَا نُقِيمُ لَهُمْ
يَوْمَ ٱلْقِيَٰمَةِ وَزْنًا ﴿١٠٥﴾ ﴾ الكهف

Bagambe nti: Tubategeeze kw'abo abasinga okufaafaganirwa emirimo gyabwe? Beebo abateganira obwereeere (mu bye bakola) mu bulamu obw'ensi kyokka nga balowooza nti mazima bo bye bakola birungi (era ba kubifunamu empeera)! Abo nno, be baakaafuwalira amateeka g'Omulezi waabwe n'okumusisinkana (n'olwekyo) emirimo gyabwe gyonna ne gifa. Era ku lunaku lw'okuyimirira tetugenda kupima mirimo gyabwe.

OBUKWAKKULIZO BWA
LAA ILAAHA ILL'ALLAH

Yagamba omumanyi ow'ekitiibwa ennyo ayitibwa Wahab Ibn Munabbih oluvannyuma lw'okubuuzibwa nti:

سُئِلَ وَهَبُ بن مُنَبّه: أَلَيْسَ مِفْتَاحُ الجَنَّةِ لاَ إِلَهَ إلاَّ الله، قَالَ: بَلَى وَلَكِنْ مَا مِنْ مِفْتَاحٍ إِلاَّ وَلَهُ أَسْنَانٌ، فَإِنْ جِئْتَ بِمِفْتَاحٍ لَهُ أَسْنَانٌ فُتِحَ لَكَ، وَإِلاَّ لَمْ يُفْتَحْ لَكَ،

(رواه البخاري في الجنائز تعليقا)

Wahab Ibn Munabbih yabuuzibwa nti: Ekigambo *Laa ilaaha Ill'Allah* ssi kye kisumuluzo ky'ejjana? N'ayanukula nti: Yee, naye tewali kisumuluzo okuggyako kibaako amannyo; bw'okireeta nga kiriko amannyo oggulirwawo, bwe kitabaako mannyo, toggulirwawo.

Amannyo g'ekisumuluzo ky'ejjana (***Laa ilaaha Ill'Allah***) bwe bukwakkulizo bwa ***Laa ilaaha Ill'Allah*** omusanvu. Bw'olijja mu maaso ga Allah ne ***Laa ilaaha Ill'Allah*** ejjuzza obukwakkulizo obwo, Ejjana ojja kugiyingira. Singa osuulako akakwakkulizo kamu kokka Obusiraamu oba obuvuddemu nga n'ejjana tosobola kugiyingira.

Anti akakwakkulizo k'ekintu bwe kabulawo ekintu ekyo tekisobola kubaawo ng'esswala bw'etasobola kutuuka nga tewali wuzu, oba okuyingira kw'obudde bw'esswala, n'obukwakkulizo bw'esswala obulala. Okubukwata mu mutwe si kya tteeka wadde okubusengeka, wabula okubutegeera n'obuteeka mu bulamu bwo kye ky'etteeka era kye kikuwonya obukaafiiri. Mu bufunze ennyo bwe buno:

OKUMANYA OKUMENYAWO OBUTAMANYA
(Al-Elm al munaafi liljahl)

Akakwakkulizo akasooka, kwe kumanya amakulu g'ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** n'omenyawo obutagamanya. Kya tteeka Omusiraamu okumanya amakulu gaakyo olw'ekiragiro kya Allah ﷻ kye yagamba nti:

﴿ فَٱعۡلَمۡ أَنَّهُۥ لَآ إِلَٰهَ إِلَّا ٱللَّهُ ﴿١٩﴾ ﴾ محمد

Manya nti: Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah.

N'agamba Allah ﷻ ng'atunyumiza kw'abo bokka abajja okukkirizibwa okuwolereza abantu ku lunaku lw'enkomerero nti:

﴿ إِلَّا مَن شَهِدَ بِٱلۡحَقِّ وَهُمۡ يَعۡلَمُونَ ﴿٨٦﴾ ﴾ الزخرف

Okuggyako oyo (aliwolereza) ye yajulira amazima (*Laa ilaaha Ill'Allah*) nga (n'amazima ge yajulira) 'agamanyi bulungi'.

N'agamba Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku mukulembeze w'abakkiriza, Uthmaan Ibn Affaan ؓ nti:

مَنْ مَاتَ وَهُوَ يَعْلَمُ أَنَّهُ لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللهُ دَخَلَ الجَنَّة (رواه مسلم)

Omuntu afa, naye 'ng'amanyi', nti mazima tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah ayingira Ejjana.

Singa omuntu ayogera ekigambo ekyo kyokka nga tamanyi makulu gaakyo, omuntu oyo taba Musiraamu. Amakulu gaakyo twagalabye dda nti kitegeeza **"*tewali kisinzibwa mu***

butuufu okuggyako Allah” – nga kwe kumenyawo ebisinzibwa byonna ebitali Allah ﷻ n’oyimirizaawo okusinzibwa kwe yekka. Amakulu ago buli yenna akyogera g’ateekeddwa okuba nago mu mutima gwe.

Omuntu bw'akyatula n’olulimi kyokka ng’omutima gwe nebwe gusiriikirira tegumanya makulu g'ekyo olulimi kye lwatudde, nannyini kukyatula tekimugasa. Wabula bw'aba abadde mukaafiiri ng'ayagala okusiramuka, tumwogeza ekigambo ekyo ne tutandikira awo okumunnyonnyola amakulu gaakyo. Bw'agategeera n'agakolerako aba afuuse Omusiraamu omujjuvu, ate bwe yeesamba okugategeera oba n'agategeera kyokka n'alemera ku bigamenyawo, aba ssi Musiraamu.

Obutamanya makulu ga kigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** kye kisinze okuwangaaliza abantu mu shirik nga balowooza nti ddoboozi lya kigambo ekyo lye libafuula Abasiraamu so ssi makulu gaakyo!! Omuntu yenna atamanyi makulu ga kigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** aba mukaafiiri kubanga amakulu g'ekigambo ekyo ge gafuula akyatudde Omusiraamu so ssi ddoboozi.

OKUKIKAKASA KU MUTIMA OKUMENYAWO OKUBUUSABUUSA KWONNA (Al-yaqiin al munaafi li-sshakk)

Akakwakkulizo ak'okubiri mu bukwakkulizo bwa ***Laa ilaaha Ill'Allah***, kwe kukakasa ekigambo ekyo ku mutima n’omenyawo okubuusabuusa kwonna. Yagamba Allah ﷻ:

﴿إِنَّمَا ٱلْمُؤْمِنُونَ ٱلَّذِينَ ءَامَنُوا۟ بِٱللَّهِ وَرَسُولِهِۦ ثُمَّ لَمْ يَرْتَابُوا۟ ﴿١٥﴾﴾ الحجرات

Mazima ddala Abakkiriza, beebo bokka abakkiriza Allah n'omubaka we. Oluvannyuma (lw'okukkiriza), ne 'batabuusabuusa'

N'omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku Abu Hurairat ؓ, yatutegeeza nti obutabuusabuusa makulu ga kigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** kakwakkulizo mu bukwakkulizo bw'okuyingira Ejjana: Yagamba nti:

أَشْهَدُ أَنْ لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللهُ وَأَنِّي رَسُوْلُ اللهِ. لاَ يَلْقَى اللهَ بِهِمَا عَبْدٌ غَيْرَ شَاكٍّ فِيْهِمَا إِلاَّ دَخَلَ الجَنَّةَ (رواه مسلم)

Njulira nti: Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah, (n'enjulira) nti: Nange ndi Mubaka wa Allah. Tewali muddu asisinkana Allah n'okujulira okwo okw'emirundi ebiri 'nga tabuusabuusa mu kwo' okuggyako ayingira Ejjana.

Okukakasa ekigambo kino kumenyawo okubuusabuusa, obutasalawo, n'okulowooza obulowooza. Omuntu bw'akyatula kyokka n'asigala ng'abuusabuusa obutuufu bwakyo oba ebyo bye kitegeeza taba Musiraamu, wabula aba munnanfuusi omukaafiiri. Kino kitwaliramu agamba mbu ye tasosola mu madiini, tavumirira madiini malala era mbu gonna agawa ekitiibwa. Ateekeddwa okugakaafuwalira gonna n'akaafuwaza n'abagoberezi baago bonna n'alyoka aba Omusiraamu.

Ate obutasalawo kitegeeza omuntu okulaba ekintu ekimenyawo ekigambo ekyo nga shirik omweyolefu, n'atasalawo nti ono shirik wadde okumulwanirira nti ssi shirik. Ng'okubuuzibwa ku musamize oba aba mushiriku n'ayanukula nti: "Siyinza kugamba nti aba mushiriku wadde okugamba nti ssi mushiriku".

Ate okulowooza obulowooza, eky'okulabirako, ye muntu okubeera mu Busiraamu nga takakasiza ddala nti ddiini eyava ewa Allah ﷻ wabula n'agiwangaaliramu ng'alowooza bulowooza nti eringa eyava ewa Allah ﷿ era nga bw'awulira omukaafiiri ng'alina ky'ayogera ku nsonga z'eddiini amuwa amatu n'amuwuliriza nga bw'agamba mu mutima nti: "Munnange, tomanya bano bayinza okuba nga be batuuufu!!" Yagamba Omutonzi Allah nti:

﴿ وَمَن يَبۡتَغِ غَيۡرَ ٱلۡإِسۡلَٰمِ دِينٗا فَلَن يُقۡبَلَ مِنۡهُ وَهُوَ فِي ٱلۡأٓخِرَةِ مِنَ ٱلۡخَٰسِرِينَ ٨٥ ﴾

آل عمران

N'oyo yenna asiima eddiini etali Busiraamu, Allah tagenda kugikkiriza, era ku nkomerero aliba mw'abo abafaafaaganiddwa.

Oba okubeera awo ng'alowooza bulowooza nti olunaku lw'enkomerero 'lulabika gye luli' oba nti Qur'aan 'kirabika kitabo kya Allah! Oba ng'agamba mbu amadiini makubo bukubo ag'enjawulo agatutuusa eri Katonda. Mbu anti ayise e Gayaaza n'ayise e Mukono bonna batuuka e Kayunga. Omuntu oyo aba tannasiramuka ebbanga ly'amala nga tannatta nzikiriza ndala zonna era bw'afa, aba afudde mukaafiiri yennyini ataliva mu muliro wadde abadde asaala n'abasiraamu era ng'asiiba nabo nga n'erinnya alina lya Basiraamu.

Singa omuntu abuusabuusa okubeerayo kwa Allah ﷿, oba n'abuusabuusa mu kubeera nti Muhammad ﷺ nabbi era mubaka wa Allah, oba ng'abuusabuusa okubeerayo kw'olunaku lw'enkomerero oba omuliro n'Ejjana n'ebibonerezo by'entaana oba okubaayo kwa ba Malaika oyo akaafuwala butereevu n'ava mu Busiraamu.

Era mu bikulu akyatudde by'ateekeddwa okukakasa, kwe kuba nti buli yenna afa nga takkiriza kigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** ne bw'aba muzadde we oba mwana we oba wa luganda lwe oba mukwano gwe, aba mukaafiiri ateekeddwa okuyingira omuliro agubeeremu obugenderevu n'obugenderevu. Buli afa nga ssi Musiraamu taliva mu muliro ne bw'aba nga ye yali asinga empisa ku kyalo. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿إِنَّ ٱلَّذِينَ كَفَرُواْ مِنْ أَهْلِ ٱلْكِتَٰبِ وَٱلْمُشْرِكِينَ فِي نَارِ جَهَنَّمَ خَٰلِدِينَ فِيهَآ ۚ أُوْلَٰٓئِكَ هُمْ شَرُّ ٱلْبَرِيَّةِ ٦﴾ البينة

Mazima abo abakaafiiri, bannannyini kitabo (Jews and Christians), n'abashiriku, ba kubeera mu muliro Jahannama obugenderevu n'obugenderevu, era by'ebitonde ebisinga obubi.

OKUKKIRIZA BYONNA LAA ILAAHA ILL'ALLAH BYE KITEGEEZA N'OTABIWAKANYA (Al-Qabuul al munaafi lirradd)

Akakwakkulizo ak'okusatu mu bukwakkulizo bwa ***Laa ilaaha Ill'Allah***, kwe kukkiriza n'omutima wamu n'olulimi byonna bye kitegeeza n'otawakanya kintu kyonna ku byo. Singa Omusiraamu awakanya ekintu kyonna ky'akakasiza ddala nti kya mu Busiraamu olw'okwekuza, oba olw'okugoberera okwagala kw'omutima gwe, oba olw'okulwanirira eby'obuwangwa bya kabira ye, oba okulwanirira ebyo bye yasangako ba Jajjaabe, ne bwe kitaba kya tteeka (waajib), omuntu oyo akiwakanyizza ava mu Busiraamu. Yagamba Allah ﷻ ng'atunyumiza ensonga ezigenda okuyingizisa abakaafiiri mu muliro:

﴿ إِنَّهُمۡ كَانُوٓاْ إِذَا قِيلَ لَهُمۡ لَآ إِلَٰهَ إِلَّا ٱللَّهُ يَسۡتَكۡبِرُونَ ٣٥ وَيَقُولُونَ أَئِنَّا لَتَارِكُوٓاْ ءَالِهَتِنَا لِشَاعِرٖ مَّجۡنُونِۭ ٣٦ ﴾ الصافات

Mazima bwe baagambibwanga nti: Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah yekka, nga beekuza. Nga bagamba nti: Mazima ffe tuleke ba katonda baffe olw'omutontomi omulalu?

N'agamba Nannyini buyinza Allah ku ssaabakaafiiri, kiwagi Fir'aun n'abantu be, nti:

﴿ وَجَحَدُواْ بِهَا وَٱسۡتَيۡقَنَتۡهَآ أَنفُسُهُمۡ ظُلۡمٗا وَعُلُوّٗاۚ فَٱنظُرۡ كَيۡفَ كَانَ عَٰقِبَةُ ٱلۡمُفۡسِدِينَ ١٤ ﴾ النمل

Ne babuwakanya (obubonero bwa Allah) olw'obulyazaamaanya bwabwe n'okwekuza, (kyokka) ng'emyoyo gyabwe gibukakasiza ddala nti bwa mazima. Kale tunuulira enkomerero y'aboonoonyi bwe yali.

Kimanye owange ggwe Omukkiriza, nti Omusiraamu ateekeddwa okwaniriza n'okukkiriza n'okukakasa ekintu kyonna Allah ﷻ kye yayogera oba ekyayogerwa Omubaka we Muhammad ﷺ ne bwe kiba kikyamulemye okussa mu nkola oba okwewala. Ne bwe kiba tekiyingira mu magezi ge. Singa akiwakanya oba n'akikyawa oba n'alwanyisa abo abafubye okukissa mu nkola ava mu Busiraamu. Ate akaluubirirwa okukissa mu nkola olw'obunafu bw'obukkiriza bwe, kyokka ng'akikkiriza era ng'akiwa ekitiibwa, oyo taba mukaafiiri wabula aba Musiraamu omukendeevu w'obukkiriza.

Mu ngeri y'emu, omuntu takkirizibwa kuhalalisa Allah ﷻ kye yaharamisa wadde okuharamisa Allah kye yahalalisa. Omuntu

yenna agamba nti Mwebe takkirizibwa kulya nseenene, oba nti Mubiru takkirizibwa kulya mamba, oba nti Nakyanzi takkirizibwa kulya nte, oba nti Nannyondo takkirizibwa kufumbirwa Sennyondo, oba nti Nansamba takkirizibwa kufumbirwa Nsamba, ng'akimanyi bulungi nti ebyo byonna by'aziza ku abantu Allah ﷻ tabibazizangako, wabula ye ng'asukkulumya eby'obuwangwa ku Busiraamu, akaafuwala n'ava mu Busiraamu. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ قُلْ أَرَءَيْتُم مَّآ أَنزَلَ ٱللَّهُ لَكُم مِّن رِّزْقٍ فَجَعَلْتُم مِّنْهُ حَرَامًا وَحَلَٰلًا قُلْ ءَآللَّهُ أَذِنَ لَكُمْ أَمْ عَلَى ٱللَّهِ تَفْتَرُونَ ﴿٥٩﴾ وَمَا ظَنُّ ٱلَّذِينَ يَفْتَرُونَ عَلَى ٱللَّهِ ٱلْكَذِبَ يَوْمَ ٱلْقِيَٰمَةِ ۗ ﴿٦٠﴾ ﴾

يونس

Bagambe nti: Mulaba riziki Allah gye yabassiza! Kyokka mmwe ne muggyamu ebimu kw'ebyo (bye yabassiza ne mugamba) nti biri haraam ate ebirala nti biri halaal! Bagambe nti: Allah ye yabawa olukusa (okukikola) oba mwasalawo kumulimbirira? Ye abo abalimbirira Allah balowooza ki ku lunaku lw'enkomerero?

Tewali muntu akkirizibwa kugaana bantu kintu Allah ﷻ kye yabakkiriza wadde okubakkiriza Allah kye yabagaana - ne bw'aba mukulembeze waabwe ow'ennono nga Kabaka oba Omugabe oba Kyabazinga oba Omukama n'abalala. Omusiraamu era takkirizibwa kugondera byabuwangwa byonna bikontana n'obusiraamu wadde okubiwa ekitiibwa.

OKWEWAAYO OKUSSA MU NKOLA BYONNA BYE KITEGEEZA (Al- inqiyaad wal istislaam)

Kitegeeza okwewaayo n'okujeemulukukira Allah ﷻ mu ebyo bye yassa n'otabyesamba wadde okubirondobamu. Ako ke **kakwakkulizo ak'okuna**. Abantu bangi bagamba nti bakkiriza Obusiraamu nti ddiini ntuufu era ne beekakasaako Obusiraamu wabula ne basigala nga bawakanya ebimu kw'ebyo ebiri mu Busiraamu ebitakwatagana na kwagala kwa mitima gyabwe. Bakkirizaako bye baagadde ebirala ne babigaana! Bagamba mbu eddiini ekoma mu mizikiti; telamula mu bulamu bw'abantu obw'ebweru (public life)!

Mbu eddiini teyingizibwa mu bya bufuzi wadde eby'enfuna wadde okulamula! Mbu abantu balina eddembe okuwangaala nga bwe balabye era buli abalagira empangaala gye bateekeddwa okuwangaalamu aba alinnyiridde eddembe lyabwe ery'obwebange! Baagala abantu babeere ku nsi nga ba kyetwala, nga balinga abatalina Mutonzi yabatonda agwanidde okubalagira n'okubagaana! Subhaanallah! Omutonzi Allah ﷻ talina buyinza ku bantu be be yeetondera?!

Ebibonerezo Allah ﷻ bye yateeka mu Qur'aan babivumirira ng'abakaafiiri ab'olwatu bwe babivumirira! Mbu tebikyatuukana na mulembe! Mbu bikolwa bya bwannalukalala! Batuuka n'okuwagira abakaafiiri okusaanyawo Abasiraamu abafuba okulamuza amateeka ga Allah ﷻ era ne beegatta nabo mu kubatuuma buli linnya ebbi babakyayise buli muntu. Omulamuzi omukaafiiri bw'asindika omutemu ku kalabba ng'alamuzza constitution, bakuba mu ngalo ne bamutendereza obwenkanya. Ate Omusiraamu bw'alamula omutemu attibwe ng'alamuzza na Qur'aan oyo aba

nnalukalala attira abantu obwereere ateekeddwa okusaanyizibwawo!!

Bw'awulira nti batemako ababbi emikono nga yeesisiwala! Kyokka ng'ali mw'abo abookya omubbi abbye eggaali! Ne bamuttira mu bulyazaamaanya n'obulumi obw'ekitalo kyokka nga shaitwan bw'ebagamba nti bo bantubalamu okusinga abatemako omubbi omukono n'asigaza omulala n'afuuka eky'okuyiga eri buli yenna amulabako ate ng'asigadde mulamu! Omuntu yenna akyawa okulamula kwa Allah n'omubaka we aba mukaafiiri yennyini ow'ekikolo. Anti Allah yamenyawo Obukkiriza ku muntu oyo mu Ayat nyingi nnyo ng'ezo ebbiri z'olaba wansi. Yeerayira Allah ﷻ nti:

﴿ فَلَا وَرَبِّكَ لَا يُؤْمِنُونَ حَتَّىٰ يُحَكِّمُوكَ فِيمَا شَجَرَ بَيْنَهُمْ ثُمَّ لَا يَجِدُوا
فِي أَنفُسِهِمْ حَرَجًا مِّمَّا قَضَيْتَ وَيُسَلِّمُوا تَسْلِيمًا ﴿٦٥﴾ ﴾ النساء

Nedda, Ndayira Omulezi wo! Tebasobola kuba Bakkiriza okutuusa nga bakulamuzisizza mu byonna ebigwawo wakati waabwe ate oluvannyuma ne batafuna nkenyera yonna mw’ekyo ky’oba olamudde wabula ne beewaayo olwewa.

N'agamba Omulamuzi Allah nti:

﴿ أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ يَزْعُمُونَ أَنَّهُمْ آمَنُوا بِمَا أُنزِلَ إِلَيْكَ وَمَا أُنزِلَ مِن قَبْلِكَ يُرِيدُونَ
أَن يَتَحَاكَمُوا إِلَى الطَّاغُوتِ وَقَدْ أُمِرُوا أَن يَكْفُرُوا بِهِ ﴿٦٠﴾ ﴾ النساء

Abaffe tolaba abo (abannanfuusi) abagamba mbu bakkiriza ebyakussibwako n’ebyo ebyassibwa olubereberye lwo ate nga beegomba okulamuza ebitali Allah so nga baalagirwa okubikaafuwalira!

AMAZIMA AGAMENYAWO OBULIMBA N’OBUNNANFUUSI
(Asswidiq al munaafi lilkadhib wa-nnifaaq)

Kitegeeza obutalimbisa kigambo ekyo ne bye kitegeeza kungulu ne mu mutima munda. Omuntu taba Musiraamu okutuusa ng'akakasirizza ddala nti byonna ebiri mu Qur'aan ne Hadiith z'omubaka entuufu mazima gennyini agataliimu kubuusabuusa kwonna. Bw'alimbisaayo ekintu kimu kyokka mu ddiini, oluvannyuma lw'okufuna obujulizi nti kya mu ddiini, ne bw'akkiriza ebisigadde byonna aba mukaafiiri ow'ekikolo. Anti aba alimbisizza Allah n'omubaka we. Obumu ku bujulizi bw'akakwakkulizo kano, ky'ekigambo ky'omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku Anas ؓ. Yagamba ﷺ nti:

مَا مِنْ أَحَدٍ يَشْهَدُ أَنْ لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللهُ وَأَنَّ مُحَمَّدًا رَسُوْلُ اللهِ صِدْقًا مِنْ قَلْبِهِ إِلاَّ حَرَّمَهُ اللهُ عَلَى النَّارِ (رَوَاهُ الْبُخَارِي وَ مُسْلِم)

Tewali n'omu ajulira 'mu mazima' nti: Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah, nti ne Muhammad Mubaka we okuggyako nga Allah ﷻ aziyiza omuliro ku ye.

Singa omuntu akirimbisa kungulu ne munda, aba mukaafiiri ow'olwatu, ate singa akirimbisa munda n’ayolesa okukikkiriza ku ngulu, aba mukaafiiri omunnanfuusi – nga ye aba mubi nnyo okusinga eyakirimbisa munda ne kungulu era ajja kuba ku ntobo y'omuliro wansi w'abakaafiiri ab'olwatu!

OKUKOLA IBAADA KU LWA ALLAH YEKKA
(Al-ikhlaasw al munaafi lisshirik)

Akakwakkulizo ak'omukaaga mu bukwakkulizo bwa ***Laa ilaaha Ill'Allah*** kwe kukakasa nti okusinza kwonna – okw'ebigambo, okw'ebikolwa n'okwomutima, okw'etteeka n'okwa kyeyagalire, kuteekeddwa kukolerwa Allah ﷻ yekka. Asiibira omuti akaafuwala. Asaalira essanamu akaafuwala. Asalira omusingi enkoko akaafuwala. Eyeenenyeza seeka ng'abakatuliki bwe bejjusiza faaza akaafuwala. Eyeeyalira Kabaka akaafuwala. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿فَٱدْعُوا۟ ٱللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ ٱلدِّينَ وَلَوْ كَرِهَ ٱلْكَٰفِرُونَ ﴿١٤﴾﴾ غافر

N'olwekyo musabe Allah ng'eddiini yonna mugikolera ye yekka, wadde ng'abakaafiiri bakitamwa

Omubaka ﷺ n'agamba mu Hadiith eva ku Utbaan Ibn Maalik ؓ nti:

إِنَّ اللهَ حَرَّمَ عَلَى النَّارِ مَنْ قَالَ لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللهُ يَبْتَغِي بِذَلِكَ وَجهَ اللهِ (رواه البخاري و مسلم)

Mazima Allah yaziyiza omuliro ku muntu agamba nti: *Laa ilaaha Ill'Allah* nga (mu kukyogera) anoonyamu kusanyusa kyenyi kya Allah yekka.

Buli kusinza kwonna Allah kwe yalagira mu Qur'aan oba Omubaka kwe yalagira mu Sunnah, akukolera ekitali Allah akaafuwala. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿فَمَن كَانَ يَرْجُوا۟ لِقَآءَ رَبِّهِۦ فَلْيَعْمَلْ عَمَلًا صَٰلِحًا وَلَا يُشْرِكْ بِعِبَادَةِ رَبِّهِۦٓ أَحَدًۢا ﴿١١٠﴾﴾ الكهف

Oyo yenna asuubira okusisinkana Omulezi we, akole emirimo emirungi era tekamutandanga n'agatta ku Mulezi we mu kumusinza ekintu kyonna.

OKWAGALA EKIGAMBO EKYO, BANNANNYINI KYO, N’EBYO BYONNA BYE KITEGEEZA (Al-mahabba)

Akakwakkulizo ak'omusanvu. Omuntu bw'amala okutegeera ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah,*** n’ategeera ekitiibwa kyakyo, obukulu bwakyo, emigaso gyakyo n’obulungi bwakyo, aba ateekeddwa okwagala ekigambo ekyo n'okukigulumiza n'okukisukkulumya ku bigambo byonna olw'obusukkulumu bw'amakulu gaakyo ku makulu g'ebigambo ebirala. Ateekeddwa okwagala Ow'ekitiibwa Allah olwagala lw'atayagala kitonde kyonna. Ateekeddwa okwagala Omubaka Muhammad ﷺ okusinga bwe yeeyagala. Ayagala Abakkiriza bonna n’ebyo byonna bye kitegeeza n'atabaako ky'atamwa kyonna.

Era aba ateekeddwa okukyawa ekyennyume kyakyo (obukaafiiri ne shiriki) n’abo abatakirina olukyawa lw'atakyawa kintu kirala kyonna. Tasobola kusukkulumya mukaafiiri asinga obwenkanya ku Musiraamu asinga obulyazaamaanya - wadde ng'ateekeddwa okutamwa obulyazaamaanya bw'omusiraamu oyo. Anti teri bulyazaamaanya businga kukaafuwalira Allah eyakutonda ate n'omulekawo n'osinza ebirala. Singa omuntu abaako ky'atamwa kyonna mu ddiini ya Allah ﷻ, akaafuwala butereevu ng'ekyatuuka ku bano Allah ﷿ b'atunyumizako nti:

﴿ ذَٰلِكَ بِأَنَّهُمْ كَرِهُوا مَا أَنزَلَ اللَّهُ فَأَحْبَطَ أَعْمَالَهُمْ ﴿٩﴾ ﴾ محمد

Ekyo, lwa kuba nti Mazima ddala baatamwa ebyo Allah bye yassa, ne (Allah) n'asazaamu emirimu gyabwe

N'agamba Omubaka ﷺ mu Hadiith eva ku Anas Ibn Maalik رضي الله عنه:

ثَلاَثٌ مَنْ كُنَّ فِيْهِ وَجَدَ بِهِنَّ حَلاَوَةَ الإِيْمَانِ: أَنْ يَكُوْنَ اللهُ وَ رَسُوْلُهُ أَحَبَ إِلَيْهِ مِمَّا سِوَاهُمَا وَأَنْ يُحِبَّ الْمَرْءَ لاَ يُحِبُّهُ إِلاَ لِلَّهِ وَأَنْ يَكْرَهُ أَنْ يَعُوْدَ فِي الْكُفْرِ بَعْدَ إِذْ أَنْقَذَهُ اللهُ مِنْهُ كَمَا يَكْرَهُ أَنْ يُقْذَفَ فِي النَّارِ (رواه البخاري و مسلم)

Ebintu bisatu gwe bikunganiramu abifunamu obuwoomerevu bw'obukkiriza: Okubeera nga Allah n'Omubaka we be basinga okuba abaagalwa gy'ali okusinga kyonna ekitali bo. N'okwagala omuntu nga tewali nsonga emumwagazisa okuggyako Allah. N'okutamwa okudda mu bukaafiiri oluvannyuma lwa Allah okubumuggyamu nga bw'atamwa okukasukibwa mu muliro.

Omusiraamu gy'akoma okukyawa obukaafiiri, Imaan ye gy'ekoma okuba waggulu. Obukyayi gye bukoma okuba obutono ne Imaan ye gy'ekoma okuba entono. Obukyayi bwe bumuggwamu aba akaafuwadde.

Obwo bwe bukwakkulizo bw'ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** Omusiraamu bw'ateekeddwa okutegeera abuteeke mu bulamu bwe bw'aba ddala ng'ayagala okutuuka mu maaso ga Allah ﷻ nga Musiraamu. Kimanye nti si kya tteeka eri Omusiraamu okukwata obukwakkulizo obwo mu mutwe wadde okubusengeka nga bwe busengekeddwa. Ekikulu kwe kubumanya ne weewala okusuulako akamu ku bwo n'okaafuwala.

SHIRIK

Olw'okuba omulamwa gw'ekitabo kino omukulu ye Tawhiid, ng'ate ekyennyume kya Tauhiid ye shirik, kya mugaso nnyo mu kifo kino okubaako kye tutangaaza ku shirik wadde mu bufunze ennyo. Shirik kwe kusinza ekitali Allah ﷻ oba okumusinza ng'omusinzizaako ebintu ebirala. Shirik bwe bulyazaamaanya obusinga obunene. Yagamba Allah ﷻ:

﴿ وَإِذْ قَالَ لُقْمَٰنُ لِٱبْنِهِۦ وَهُوَ يَعِظُهُۥ يَٰبُنَىَّ لَا تُشْرِكْ بِٱللَّهِ ۖ إِنَّ ٱلشِّرْكَ لَظُلْمٌ عَظِيمٌ ﴿١٣﴾ ﴾ لقمان

Jukira Luqmaan we yagambira mutabaniwe ng'amubuulilira nti: Mutabani Wange! Togattanga ku Allah ekintu ekirala, Mazima okugatta ku Allah ekintu ekirala bulyazaamaanya bunene nnyo.

OBUBENJE BWA SHIRIK OBUNA

Akasooka: Omuntu bw'akola shirik ava mu Busiraamu n'afuuka omukaafiiri. Yagamba Allah ﷻ ng'atunyumiza ku mukyala ayitibwa Balqiis eyali kabaka we Saba' mu Yemen:

﴿ وَصَدَّهَا مَا كَانَت تَّعْبُدُ مِن دُونِ ٱللَّهِ ۖ إِنَّهَا كَانَتْ مِن قَوْمٍ كَٰفِرِينَ ﴿٤٣﴾ ﴾ النمل

Ne bimuziyiza ebyo bye yali asinza ebitali Allah (okugoberera eddiini entuufu), Mazima yali mu kibiina kikaafiiri.

N'agamba Omutonzi Allah nti:

﴿ لَّقَدْ كَفَرَ ٱلَّذِينَ قَالُوٓا۟ إِنَّ ٱللَّهَ ثَالِثُ ثَلَٰثَةٍ ۘ وَمَا مِنْ إِلَٰهٍ إِلَّآ إِلَٰهٌ وَٰحِدٌ ﴿٧٣﴾ ﴾
المائدة

Mazima ddala baakaafuwala abo abaagamba nti: Ddala Allah ali omu mu basatu (In a trinity). Ate nga tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako oyo (agwanidde) okusinzibwa Omu yekka (Allah – atabangako mu basatu)

***Akookubiri**:* Omuntu bw'akola shirik, Allah ﷻ asazaamu emirimo gye gyonna emirungi gye yakulembeza okukola era taddamu kufuna mpeera mu mulimo gwonna okujjako nga yeenenyezza eri Allah n'ava ku shirik. Bwe yeenenya olwenenya olutuufu nadda mu Busiraamu, Allah amuddiza emirimo gye gye yakulembeza okukola. Yagamba Ow'ekitiibwa Allah nti:

﴿ وَلَقَدْ أُوحِيَ إِلَيْكَ وَإِلَى ٱلَّذِينَ مِن قَبْلِكَ لَئِنْ أَشْرَكْتَ لَيَحْبَطَنَّ عَمَلُكَ وَلَتَكُونَنَّ مِنَ ٱلْخَٰسِرِينَ ﴿٦٥﴾ ﴾ الزمر

Mazima ddala wasibwako obubaka ne ku abo (ba Nabbi) abakukulembera (okutumibwa) nti: Singa kaakutanda n'ogatta ku Allah ekintu ekirala kyonna, emirimo gyo (emirungi) gyonna gyalikufudde era waalibadde mu bafaafaaganiddwa.

***Akookusatu**:* Allah tasonnyiwa muntu akola shirik okujjako ng'afudde amwenenyezza. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ إِنَّ ٱللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَن يُشْرَكَ بِهِۦ وَيَغْفِرُ مَا دُونَ ذَٰلِكَ لِمَن يَشَآءُ ۚ وَمَن يُشْرِكْ بِٱللَّهِ فَقَدْ ضَلَّ ضَلَٰلًۢا بَعِيدًا ﴿١١٦﴾ ﴾ النساء

Mazima Allah tasonnyiwa muntu yenna amugattako ekintu ekirala kyonna, kyokka asonnyiwa oyo gw'aba ayagadde ekibi ekitatuuka shirik. Era mazima oyo agatta ku Allah ekintu ekirala kyonna, ddala aba abuze olubula olw'ewala.

Akookuna: Afa nga teyeenenyezza shirik, tagenda kuva mu muliro obugenderevu n'obugenderevu. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿إِنَّهُۥ مَن يُشۡرِكۡ بِٱللَّهِ فَقَدۡ حَرَّمَ ٱللَّهُ عَلَيۡهِ ٱلۡجَنَّةَ وَمَأۡوَىٰهُ ٱلنَّارُۖ وَمَا لِلظَّٰلِمِينَ مِنۡ أَنصَارٖ ٧٢﴾ المائدة

Mazima ddala oyo agatta ku Allah ekintu ekirala, Allah yaziyiriza ddala ku ye Ejjana, n'obuddo bwe muliro. Era abalyazaamaanya tebalina mutaasa yenna.

EBINTU BINO WAMMANGA SHIRIK

Olw'obubenje bwa shirik bwe tulabye waggulu, kikulu okumanya ebimu ku bikolwa ebya shirik abantu bye bakola ne bagwa mu bubenje obwo obuna bwe tulabye waggulu. Ayagala okuwona obubenje obwo, yeewale ebikolwa bino era atiise n'oyo gw'alaba ng'abigwamu. Kimanye nti byemmenye wansi wano si bye byokka ebikolebwa nga shirik, wabula ebitamenyeddwa bye bisinga obungi kyokka nga ebisinga bigwa mu ttuluba lya bino ebimenyeddwa:

Essabo n'ebyo byonna ebikolebwamu. Ebiggwa n'ebyo byonna ebikolebwayo, Amasiro n'ebyo byonna ebigakolerwamu, okusamira, okukuba ebitabo – nakwo kuba kusamira. Okuloga okw'okwagaza oba okw'okukyayisa oba okw'okutuusaako omuntu akabenje, ebintu ebiri mu makulu g'okuloga wadde tebikola, ng'okusiba ebisubi ekifundikwa ng'okyereye okutuuka ku somero mbu obwongo bw'omusomesa akwata abakeereye bukyuke bukulabe ng'eyatuuse edda oba buyingiremu okusaasira gy'oli. Okumalira ebizibu mu masabo, okukkiririza mu ba lubaale; Mukasa, Ddungu, Kibuuka, Musoke, Muwanga, Kiwanuka n'abalala. Okukkiririza mu basamize n'abalaguzi ne bw'oba togendayo. Okukkiriza nti waliwo amanyi ebyekwese atali Allah. Okusala ekisolo oba ekinyonyi nga tokisaze kulwa

Allah سبحانه وتعالى; ng'okusalira tanuulu, omusinji, akasolya, ekidduka, ekizimbe, ekkolero, oluguudo oluzimbibwa, emizimu n'ebifaananako bwe bityo. Okusaddaaka abantu, okuba n'enzikiriza ku balongo nti balimu amaanyi ag'enjawulo tebalinga baana balala; bwe bataalulwa basobola okuleeta obulabe, bookya, bakyankalanya ekika n'enzikiriza endala ez'ekikaafiiri kubo. Okukkiriza nti ejjirikiti lirimu amaanyi ag'enjawulo; terifumbisibwa, kwe kusuulibwa ebifudde, ng'embwa, enkoko, embuzi n'ebirala. Okukkiriza nti amasanganzira galimu amaanyi ag'enjawulo. Okusuulangamu ebyoya by'enseenene, ebikuta by'ebinyebwa, ebisosonkole by'amaji n'ebirala. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلنَّاسُ ضُرِبَ مَثَلٞ فَٱسۡتَمِعُواْ لَهُۥٓۚ إِنَّ ٱلَّذِينَ تَدۡعُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ لَن يَخۡلُقُواْ ذُبَابٗا وَلَوِ ٱجۡتَمَعُواْ لَهُۥۖ وَإِن يَسۡلُبۡهُمُ ٱلذُّبَابُ شَيۡـٔٗا لَّا يَسۡتَنقِذُوهُ مِنۡهُۚ ضَعُفَ ٱلطَّالِبُ وَٱلۡمَطۡلُوبُ ٧٣﴾ الحج

Abange mmwe abantu! Eky'okulabirako kibakubiddwa mukiwulirize bulungi: Mazima ebyo bye musaba ebitali Allah Omutonzi tebisobola kutonda nswera ne bwe bigikungaanirako! Ate singa enswera ebanyakulako ekintu kyonna, tebalina maanyi gagijjako ekyo ky'ebanyakuddeko! Munafu nnyo oyo asaba n'asabibwa.

Okugenda mu kyalo mbu empewo zikufuuweko ofune emikisa, okulima ku ntaana ya taata oba maama oba jajja oba ey'omuntu yenna mbu ebibadde byesibye bitaggulukuke, okukungaanya ekika okulima ebijja, okuba n'obuyumbayumba mbu obutereeza ekika, okusaba oba okulaajanira omuntu yenna eyafa ne bwaba mulongoofu nnyo nga ba Nabbi. Okwesiba oba okusiba mu mwana yirizi ey'ensonga yonna, okuwanika entanga mu mulyango mbu okutangira ebizibu okuyingira mu nju. Okukozesa eddogo ly'okutunda ennyo oba ery'amagezi oba ery'emikisa oba ery'emirimo oba ery'obuganzi.

Okusalibwa eddagala ly'obukuumi oba ekimu kw'ebyo bye tulabye waggulu (okusandaggibwa). Okutunda ebintu ebikozesebwa mu shirik, ng'emmindi, ensumbi, ensimbi enganda, obuliba bw'ebisolo, ebisosonkole by'amakovu, ensiriba n'ebirala. Okulunda enkoko enjeru oba embuzi ez'ebitanga n'ebirala ebikozesebwa mu shirik ng'obirunda n'ekigendererwa nti abashiriku babyagala nnyo era babigula bbeeyi ya waggulu. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ قُلْ أَفَرَءَيْتُم مَّا تَدْعُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ إِنْ أَرَادَنِىَ ٱللَّهُ بِضُرٍّ هَلْ هُنَّ كَٰشِفَٰتُ ضُرِّهِۦٓ
أَوْ أَرَادَنِى بِرَحْمَةٍ هَلْ هُنَّ مُمْسِكَٰتُ رَحْمَتِهِۦ ۚ قُلْ حَسْبِىَ ٱللَّهُ
ۖ عَلَيْهِ يَتَوَكَّلُ ٱلْمُتَوَكِّلُونَ ﴿٣٨﴾ ﴾ الزمر

Bagambe nti: Mulaba mutya; Ebyo bye musaba ebitali Allah, Singa Allah aba anjagalizza akabi konna, ddala bisobola okunzijako akabi ako? Ate bw'aba anjagalizza okusaasira kwe, ddala bisobola okuziyiza okusaasira kwe okuntuukako? Bagambe nti: Nze Allah ammalira; Mu Ye abeesiga mwe bassa obwesige bwabwe.

Okwelaguzalaguza n'amaloboozi g'ebinyonyi oba ebisolo oba ebiwuka oba ebikolwa byabyo; nti mp'abaana bw'ekaaba abayi baba bagenda kufa oba nti namunyenya bw'ogiraba eba ebika oba nti enjuki eranga bagenyi oba okusala kw'emmese ng'olinako gy'olaga nti kutegeeza mikisa oba kisiraani n'ebirala. Okusiiyibwa engalo n'olowooza nti ogenda kufuna ssente oba nti ebisulo byokumaaso bireeta essanyu oba amaziga. Okwelaguzalaguza n'abaguzi; nti kasitoma asooka tebamugoba, nti tebawola kumakya, nti omuguzi bw'akeera okukwewolako, olunaku lwonna ojja kulumalako ng'owola buwozi. Okwelaguzalaguza n'emmunyenye zomumpapula z'amawulire; nti omuntu eyazaalibwa wakati w'ennaku z'omwezi bweziti ne bweziti, emmunyenye ye eyitibwa bw'eti era ajja kuba bw'ati.

Okukkiririza mu bisiraani; nti omukyala gwe wawasa wa bisiraani oba ekidduka kye wagula oba olugoye. Okulinnyisa emmotoka amaji ng'egenda okutambuza omufu, omukyala okweyambula n'akwata amabeere nga bw'akoowoola omulambo ogwabulidde mu nnyanja. Okugema enkuba, okufuuwa emmindi ey'eddogo, okutaliza sekkoteka mu lusuku, okulayira ekitali Allah ﷻ, okusulika enseenene esoose okukwatibwa, okugamba nti kulubazzi bajjabajja omuganda guwere, okuba n'enzikiriza nti omuntu akedde okukuula obutiko obubaala tabuuza b'asanzeewo nti bw'ababuuza ekibaala kisenguka. Okukkiriza ebigambo by'abagamba nti balabikirwa. Okwabya olumbe ne byonna ebikolebwa mu kulwabya. Okweraguzalaguza n'omuntu gw'osoose okusanga ng'olinako gy'olaga mbu wa mukisa oba kisiraani (wa mutwe mubi oba mulungi) Yagamba Omubaka ﷺ mu Hadiith eva ku Ibn Amri رضي الله عنه nti:

مَنْ رَدَّتْهُ طِيْرَةٌ عَنْ حَاجَته فَقَدْ أَشْرَكَ. قَالُوْا وَمَا كَفَّارَةُ ذَلكَ؟ قَالَ أَنْ يَقُوْلَ: اللَّهُمَّ لاَ خَيْرَ إِلاَ خَيْرَكَ وَلاَ طيْرَة إلاَّ طَيْرَكَ وَلاَ إِلَهَ غَيْركَ

(رَوَاهُ أَحْمَدُ وَصَحَّحَهُ الألبَانِيْ فِيْ إِصْلاَحِ المَسَاجِدَ)

Oyo okwelaguzalaguza (n'abantu oba ebisolo oba ebiwuka n'ebirala) gwe kulekesa okukola ky'ayagala aba akoze shirik. Ne bagamba (ba Sswahaaba) nti, gwe guliwa omutango gw'ekyo? (Omubaka) n'ayanukula nti, agamba nti, "Ayi Allah, tewali bulungi okujjako obulungi (obuva) ewuwo era tewali kifuga bulungi wadde obubi okujjako ggwe era tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako ggwe".
(Ahmad)

Okukkiririza mu by'obuwangwa ebikontana n'obusiraamu; mbu abakulembeze b'ennono ba njawulo ku bantu abalala, balina amakundi abiri, okubavunnamira (okubeeyalira ku ttaka), obutabakuba mabega. Okufunya ekikonde ng'oyonsa omwana mbu asobole okukkuta, okutereka akalera k'omwana n'ensonga zonna ezikateresa, okusiba mu mwana yirizi erimu akagumba

k'enkoko mbu ejjanjabe obwosi, okuteeka mu kyogero ky'omwana olweza oba kayaayaana mbu omwana abe mulungi ayaayaanirwa. Sitegeeza nti Obusiraamu tebukkiriza kunaaza mwana kyogero wabula kyonna ekiteekebwa mu kyogero n'ekigendererwa ekya shirik ng'olweza tekikkirizibwa. Okusaba ekitali Allah ﷻ ebintu ebyeyawulidde Allah; ng'oluzaalo, emirembe, obuwanguzi, obulungi, amagezi, obuganzi n'ebirala. Okuteeka wakati wo n'Omutonzi wo kayungiriza gw'oyitiramu okutuusa ebyetaago byo eri Allah ﷻ. Yagamba Omulungi Allah nti:

﴿أَمَّن يُجِيبُ ٱلۡمُضۡطَرَّ إِذَا دَعَاهُ وَيَكۡشِفُ ٱلسُّوٓءَ ٦٢﴾ النمل

Ye, ani (atali Allah) ayanukula ali mu buzibu singa aba amusabye okumujja mu buzibu (bw'alimu)?

Ayagala okuwona omuliro gwa Allah ﷾ ayingire Ejjana ye, yeewalire ddala ebintu ebyo n'ebirala ebiyitirivu ennyo bye sisobodde kumenya ebigwa mu ttuluba eryo. Omusiraamu ateekeddwa okwesigamira Allah ﷻ mu mbeera ze zonna ennungi n'embi n'akakasa nti tewali kibi kiyinza kumutuukako nga Allah ﷾ tayagadde ng'era bwe watali kirungi kisobola kumutuukako nga Allah tayagadde. Y'alina obusobozi ku buli kintu kyonna ate nga gyali gye tudda. Yagamba Allah عَزَّ وَجَلَّ nti:

﴿وَإِن يَمۡسَسۡكَ ٱللَّهُ بِضُرّٖ فَلَا كَاشِفَ لَهُۥٓ إِلَّا هُوَۖ وَإِن يُرِدۡكَ بِخَيۡرٖ فَلَا رَآدَّ لِفَضۡلِهِۦۚ يُصِيبُ بِهِۦ مَن يَشَآءُ مِنۡ عِبَادِهِۦۚ وَهُوَ ٱلۡغَفُورُ ٱلرَّحِيمُ ١٠٧﴾ يونس

Singa Allah aba akutuusizzaako omutawaana, tewali ayinza kugukujjako okujjako Ye, era bw'aba akwagalizza obulungi, tewali asobola kuzzaayo bulungi bw'akwagalizza. Abuwa oyo gw'aba ayagadde mu baddu be era ye Musonnyiyi, Omusaasizi ennyo.

WEETEGEREZE

Kikulu okwetegereza ensonga bbiri mu kifo kino: Esooka, kwe kumanya nti ebikolwa ebyo ebya shirik ebimenyeddwa waggulu n'ebitamenyeddwa tekigendereddwamu kukakasa ggwe abikola oba eyali abikozeeko nti oteekeddwa okuyingira omuliro. Wabula ekigendererwa kukulaga bulabe bw'oyolekedde singa tobivaako mbagirawo. Anti abifiirako obuddo bwe muliro. N'olwekyo yanguwa nnyo okudda eri Omutonzi wo Allah ﷻ oyo gwotalina naye ndagaano ku ssaawa wadde olunaku wadde omwaka mw'anaakujjiramu omwoyo weegombe okwenenya nga tekikyasoboka.

Kimanye nti omuntu bwe yeenenya ezzambi aba ng'atalikolangako nga Hadiith ya Abu Sa'eed Al Answari رضي الله عنه eri wansi bw'ekirambika obulungi. Kimanye nti okuggwamu essuubi ly'okusaasirwa n'okusonnyiyibwa Allah kitendo mu bitendo by'abakaafiiri era kimanye nti Allah ﷻ asonnyiwa amazambi ne bwe gaba mayitirivu nnyo era nga bw'asonnyiwa ezzambi ne bwe liba ddene nnyo. Yagamba Allah ﷻ Omusaasizi ennyo nti:

﴿ ۞ قُلْ يَٰعِبَادِىَ ٱلَّذِينَ أَسْرَفُوا۟ عَلَىٰٓ أَنفُسِهِمْ لَا تَقْنَطُوا۟ مِن رَّحْمَةِ ٱللَّهِ ۚ إِنَّ ٱللَّهَ يَغْفِرُ
ٱلذُّنُوبَ جَمِيعًا ۚ إِنَّهُۥ هُوَ ٱلْغَفُورُ ٱلرَّحِيمُ ﴿٥٣﴾ ﴾ الزمر

Bagambe nti: Abange mmwe abaddu bange abajjudde ebyonoono! Temuggwamu ssuubi (er'okusonnyiyibwa) n'okusaasira kwa Allah. Mazima Allah asonnyiwa amazambi gonna, Mazima Ye Musonnyiyi, Omusaasizi.

OBUKWAKKULIZO BW'OKWENENYA

Akakwakkulizo akasooka, kwe kuyimiriza ezzambi ly'obadde okola. Omuntu bwe yeenenya ezzambi ng'ate bw'agenda mu maaso n'okulikola, okwenenya kwe tekukkirizibwa.

Akakwakkulizo akookubiri, kwe kumalilira obutaddayo kukola zzambi eryo. Singa omuntu ayimiriza ezzambi n'alyenenya kyokka nga mu mutima gwe mwetegefu okuddamu okukola ezzambi eryo nga wayiseewo ekiseera, era okwenenya okwo kuba kufu. Ng'omuntu aleka okunywa sigala mu kisiibo kyokka nga mumalirivu nti we kiggwerako waddiramu oba omuntu aleka obwenzi olw'okutya siriimu kyokka nga mukakafu nti eddagala lya siriimu welirabikira w'atandikira obwenzi.

Akakwakkulizo akookusatu, kwe kwejjusa ezzambi lye wakola. N'oba n'okwejjusa mu mutima olw'okunyiiza Allah ﷻ. Yagamba Omubaka ﷺ mu Hadiith eva ku Abu Sa'eed al Answari رضي الله عنه nti:

النَّدمُ تَوْبَة وَالتَّائبُ منَ الذَّنْب كَمَنْ لاَ ذَنْبَ لَهُ

(رَوَاه ابن مَندَه وأَبُو نُعَيم صَحَحَّهُ الألبَاني فِيْ صَحِيْحِ الجَامِع)

Okwejjusa kuba kwenenya. N'eyeenenya ezzambi aba ng'atalikolangako. ***(Ibn Mandah ne Abu Nu'aim)***

Ate ensobi bw'oba wagikola muntu munno, awo kweyongerako ***akakwakkulizo akookuna;*** Oteekeddwa okumuddiza kye wamulyazaamaanya. Bwe kiba kintu kikalu oba ssente oteekeddwa okukimuddiza. Bwe kuba kumugeya oba okumutemerera oba ekirala bwekityo, oteekeddwa okumwenenyeza bwe muba nga mukumwenenyeza tolabamu bulabe. Bwe kuba kuvaamu obulabe oba nga yafa tolina w'omusanga kumwenenyeza, mwogereko ebirungi nga bw'oyitiriza n'okusaba Allah عز وجل okukusonnyiwa bw'oba

wamulyazaamaanya na kigambo. Ate bw'oba wamulyazaamaanya kintu kikalu nga ssente oba ekintu ekirala, kitwalire abasika be. Bw'oba otya okwerambika, kozesa omuntu omulala yenna akikutuusizeeyo oba okusala amgezi gonna agakizzaayo nga bwe wasobola okugasala ng'okiryazaamaanya.

Ensonga endala eyeetaaga okwetegereza eri nti si buli muntu gw'olaba ng'akoze ekikolwa mu bikolwa ebya shirik ebimenyeddwa mu kitabo kino n'ebitamennyeddwa, nti okkirizibwa okumuyitirawo omukaafiiri. Wabula ateekeddwa okuggweramu obukwakkulizo buna alyoke ayitibwe omukaafiiri. Obukwakkulizo buno bwonna bulina obujulizi mu Qur'aan ne mu Sunnah z'Omubaka Muhammad ﷺ wabula obujulizi obwo bulekeddwa olw'obufunda bw'ekifo kino:

Akakwakkulizo akasooka: Kwe kuba nti abadde amanyi nti ekikolwa ky'akoze tekikkirizibwa. Bw'aba abadde tamanyi, takaafuwala wabula ategeezebwa ennamula y'ekyo ky'akoze. Bw'ajigaana n'agenda mu maaso n'ekikolwa ekyo, akaafuwazibwa.

Akakwakkulizo akookubiri: Kwe kuba nga mukulu awandiikibwako ebibi n'ebirungi ate nga si mulalu. Bw'aba mwana muto oba ng'obwongo bwe si butereevu bulungi, takaafuwala kubanga ekkalaamu temuwandiikako kintu kyonna.

Akakwakkulizo akookusatu: Ateekeddwa okuba nga ye yeesaliddewo okukola ekikolwa ekyo takakiddwa bukakibwa. Omukake takaafuwala.

Akakwakkulizo akookuna: Kwe kuba ng'ekikolwa oba ekigambo ekikaafuwaza akyogedde mu bugenderevu. Bw'ayogera ekigambo eky'obukaafiiri mu butanwa, oba olw'okusanyuka ennyo oba okutya ennyo oba okusunguwala

ennyo obwongo bwe ne bukyukako n'ayogera by'atategeera, takaafuwala.

TAWHIIDUL ASMAA'E W'ASSWIFAATI
(OKUTONGOLEZA ALLAH ﷻ AMANNYA GE AMALUNGI N'AMATENDO GE AG'EKITIIBWA)

Twakirabye nti omuteeko gwa Tawhiid ogusooka guyitibwa Rrubuubiyyah, nga kwe kutongoleza Allah ﷻ ebikolwa bye. Ne tulaba omuteeko ogwokubiri oguyitibwa Uluuhiyyah, nga kwe kutongoza Allah ﷻ mu kusinzibwa. N'omuteeko gwa Tawhiid ogwokusatu - nga gwe muteeko ogusembayo - ye Tawhiidul Asmaa'e w'Asswifaati. Tawhiid ono mukulu nnyo, anti mu ye mwe tutegeerera Allah gwe tusinza y'ani. Mu Tawhiid eno, mwe tumanyira ebitendo ebitutiisa Allah era mwe tumanyira ebitendo ebitwagaza Allah ne tusobola okubeera wakati w'okutya n'okusuubira ng'omukkiriza omutuufu bw'ateekeddwa okuba.

Omusingi gwa Tawhiid ono (Asmaa'e w'Asswifaat) kwe kukakasa ku Allah ﷻ ebyo bye yeekakasaako n'ebyo ebyamukakasibwako Omubaka we Muhammad ﷺ mu mannya ge amalungi n'amatendo ge ag'ekitiibwa amajjuvu. Yatutegeeza omugulumivu Allah nti ye nannyini mannya amalungi, n'atulagira tumusabisenga amannya ago:

﴿ وَلِلَّهِ ٱلْأَسْمَآءُ ٱلْحُسْنَىٰ فَٱدْعُوهُ بِهَا ﴾ (١٨٠) الأعراف

Ne Allah ye nannyini mannya amalungi;
Mumusabisenga amannya ago

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ قُلِ ٱدْعُواْ ٱللَّهَ أَوِ ٱدْعُواْ ٱلرَّحْمَٰنَ أَيًّا مَّا تَدْعُواْ فَلَهُ ٱلْأَسْمَآءُ ٱلْحُسْنَىٰ ﴿١١٠﴾ ﴾ الإسراء

Bagambe nti: Mumukoowoole (n'erinnya) Allah oba mumukoowoole (n'erinnya) Rrahmaan. Lyonna lye muba mumukoowodde nalyo (dungi). Anti ye nannyini mannya amalungi.

N'Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku Ibn Mas'uud ﵁ yasabanga nti nti:

أَسْأَلُكَ بِكُلِّ اسْمٍ هُوَ لَكَ سَمَّيْتَ بِهِ نَفْسَكَ أَوْ أَنْزَلْتَهُ فِيْ كِتَابِكَ أَوْ عَلَّمْتَهُ أَحَدًا مِنْ خَلْقِكَ أَوِ اسْتَأْثَرْتَ بِهِ فِيْ عِلْمِ الغَيْبِ عِنْدَكَ (رَوَاهُ أَحْمَد)

Nkusaba (ayi Allah) na buli linnya lyo lye weetuuma oba lye wassa mu Kitabo kyo oba lye wayigiriza ekitonde kyonna mu bitonde byo oba lye weesigaliza mu kumanya kwo okukweyawulidde. ***(Ahmad)***

Aya eyo eyookubiri yakka oluvannyuma lw'abakaafiiri okuwulira Omubaka Muhammad ng'asaba Allah ﷻ n'amannya ge amalungi ng'avunnamye ne bagamba nti: Ono agamba nti asinza Omu ate tuwulira ayita babiri babiri! Allah ﷻ n'assa ayat eyo okubategeeza nti gonna mannya ge, era omuddu we waddembe okumusaba n'erinnya lyonna ly'ayagadde. ***(Soma Jaami'ul bayaan – Imaam Ttwabarie – Tafsiir suurat Al-Israa'e ayat 110)***

Ebitendo by'omugulumivu Allah biteekululwamu emiteeko ebiri: **Thubuutiyyah** ne **Salbiyyah**. Thubuutiyyah bye bitendo Allah ﷻ bye yeekakasaako oba ebyamukakasibwako Omubaka we ﷺ. Ate Salbiyyah bye bitendo Allah ﷻ bye yejjako nti tabiri era ebitakkirizibwa kumutenda nabyo oba ebyamujjibwako Omubaka we Muhammad ﷺ. Thubuutiyyah nabyo byawulwamu

emiteeko ebiri: **Dhaatiyyah** ne **Fi'eliyyah**. Dhaatiyyah kitegeeza ebitendo ebiri ku Allah ﷻ yennyini, ng'amaaso, emikono n'ebirala. Ate Fi'eliyyah bye bitendo eby'ebikolwa, ng'okwogera, okutonda, okusaasira, okulaba, okukka okugabirira n'ebikolwa ebirala ebiyitirivu ennyo.

Tukakasa ku Allah سُبْحَانَهُ وَتَعَالَى ekitendo kye yeekakasaako oba ekyamukakasibwako Omubakawe Muhammad ﷺ (Dhaatiyyah ne Fi'eliyyah). **Mu kukola ekyo, twewala okukimenyawo oba okukiwakanya, ne twewala okukyusa amakulu g'erinnya oba ekitendo ekyo ameeyolefu nga tetulina bujulizi, era ne twewala okwebuuza engeri ebitendo bye eby'ebikolwa gye bikolebwamu, ne twewala n'okufaanaganya ekitendo ky'Omutonzi n'ekyekitonde kye kyonna.**

Ekyokulabirako

Omutonzi waffe Ow'ekitiibwa Allah ayogera. Yagamba ﷻ:

﴿وَكَلَّمَ ٱللَّهُ مُوسَىٰ تَكۡلِيمٗا ١٦٤﴾ النساء

Allah yayogera ne Nabbi Muusa olwogera

N'Omubaka we Muhammad ﷺ n'amunywezaako ekitendo ekyo bwe yagamba mu Hadiith eva ku Adiyy Ibn Haatim رَضِيَ اللهُ عَنْهُ:

مَا مِنْكُمْ مِنْ أَحَد إِلاَّ سَيُكَلِّمُهُ اللهُ لَيْسَ بَيْنَهُ وَبَيْنَهُ تَرْجُمَان فَيَنْظُرُ أَيْمَن مِنْهُ فَلاَ يَرَى إِلاَّ مَا قَدَّمَ وَيَنْظُرُ أَشْأَم مِنْهُ فَلاَ يَرَى إِلاَّ مَا قَدَّمَ وَيَنْظُرُ بَيْنَ يَدَيْهِ فَلاَ يَرَى إِلاَّ النَّارَ تِلْقَاء وَجهِهِ فَاتَّقُوْا النَّارَ وَلَوْ بِشِقّ تَمْرَة (رَوَاهُ مُسْلِمُ فِيْ كِتَابِ الزَّكَاةِ)

Tewali n'omu ku mmwe okujjako Allah ajja kwogera naye nga tewali wakati we naye muvvuunuzi. (Omuddu) atunule ku ddyo we nga talina ky'alaba okujjako bye yakulembeza okukola. Atunule ku kkono ngatalina ky'alaba okujjako bye yakulembeza okukola. Atunule mu maaso ge nga talina

ky'alaba okujjako omuliro gw'ayolekedde. N'olwekyo mutye omuliro wadde ngamugutiira ku kabajjo ka ntende. ***(Muslim)***

TETUMENYAWO
(Atta'twiil)

Oluvannyuma lw'okukimanya nti Omutonzi waffe Allah yeekakasaako ekitendo ky'okwogera, n'Omubaka we Muhammad ﷺ n'akimukakasaako nga bwe tukirabye mu bujulizi obwo waggulu, naffe tukakatibwako okunyweza ku Mutonzi waffe ekitendo ekyo nga tukkiriza okukkiriza okutaliimu kubuusabuusa kwonna nti Allah ﷻ ayogera. Kyokka era nga tukkiriza olukkiriza olukakafu nti okwogera kwa Allah ﷻ tekufaanana na kwogera kwa kitonde kyonna kubanga tewali kitonde kifaanana Allah ﷻ mu mbeera yonna wadde mu kikolwa kyonna wadde mu ndabika. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ لَيْسَ كَمِثْلِهِۦ شَىْءٌۖ وَهُوَ ٱلسَّمِيعُ ٱلْبَصِيرُ ﴿١١﴾ ﴾ الشورى

Tewali kimufaanana kyonna, sso nga Muwulizi nnyo, Alaba nnyo.

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَلَمْ يَكُن لَّهُۥ كُفُوًا أَحَدٌۢ ﴿٤﴾ ﴾ الإخلاص

Era talina kimugeraageranyizibwako kyonna

Singa omuntu agamba nti Allah ﷻ tayogera ng'ate akimanyi bulungi nti Allah yeekakasaako ekitendo ky'okwogera n'Omubaka we ﷺ, asinga abantu bonna okumanya Allah ﷻ yakimukakasaako, omuntu oyo kimumalira okukaafuwala olw'okuwakanya Omutonzi Allah n'Omubaka we ﷺ mu bugenderevu.

N’olwekyo tuteekeddwa okukakasa nti Allah ﷿ ayogera era ne tukakasa nti okwogera kwe tekufaanana na kwa kitonde kye kyonna era nga bwe watali kitonde kyonna kimufaanana mu mbeera yonna. Okwogera kwe kutuukagana n’ekitiibwa kye ekijjuvu, si kukendeevu ng’okwebitonde bye.

TETUKYUSA MAKULU
(Attahriif)

Nga bwe tukirabye nti tetukkirizibwa kumenyawo kitendo kyonna Allah ﷿ kye yeekakasaako oba ekyamukakasibwako Omubaka we Muhammad ﷺ, kimanye nti era tetukkirizibwa kukyusa makulu ga kitendo ekyo ameeyolefu nga tetulina bujulizi bwonna kuva mu Qur’aan oba Sunnah z'Omubaka Muhammad ﷺ. Ng’omuntu okugamba (ku kyokulabirako kye tuliko ekyokuba nti Allah ayogera) nti: Allah ﷿ yali tategeeza kwogera kwennyini, wabula yali ategeeza kusaasira! Omuntu oyo aba ateekeddwa okuleeta obujulizi mu Qur’aan oba Sunnah obujjulula amakulu g’ekigambo kwogera Allah ﷾ ge yeekakasaako mu ayat gye tulabye waggulu okugassa ku makulu g’okusaasira.

OBUTEEBUUZA NKOLA WADDE ENKULA Y’EKITENDO
(Attak’yiif)

Omuntu bw’amala okukakasa ku Allah ﷿ kye yeekakasaako n'ekyamukakasibwako Omubaka we ﷺ, n'atakyusakyusa na makulu gaakyo, aba ateekeddwa okumanya nti takkirizibwa kwebuuza nfaanana ya Allah oba enkola Allah gy'akolamu ebitendo bye eby’ebikolwa – kubanga teyajitubuulira n'Omubaka we teyajitubuulira era tetujimanyi. Okweyingiza mu

nsonga eyo kuba kuva ku bulungamu bw'Omubaka ﷺ n'entegeera y'abaatukulembera abalongoofu. Imaam Maalik – Allah amusaasire, olumu yabuuzibwa ku Istiwa (entebenkera ya Allah ku Nnamulondo ye ey'ekitiibwa) n'ayanukula nti:

الإسْتِوَاءُ مَعْلُوْمٌ وَالكَيْفَ مَجْهُوْلُ وَسُؤَالُ عَنْهُ بدْعَة وَالإيْمَانُ بِهِ وَاجِبُ

(أخْرَجَهُ البَيْهَقِي فِيْ الأَسْمَاءِ وَ الصِّفَاتِ)

Amakulu 'g'okutebenkera' gamanyiddwa bulungi, kyokka entebenkera gye yatebenkeramu temanyiddwa (teyatubuulirwa), ate okujibuuza kiri bid'at (si kya mu ddiini) sso ng'okujikkiriza kya tteeka. ***(Bayhaqie)***

N'agamba ﷺ mu Hadiith eva ku Abu Tha'laba al Khushani رضي الله عنه nti:

إنَّ اللهَ تَعَالَى فَرَضَ فَرَائِضَ فَلاَ تُضَيِّعُوْهَا وَحَدَّ حُدُوْدًا فَلاَ تَعْتَدُوْهَا وَحَرَّمَ أشْيَاءَ فَلاَ تَنْتَهِكُوْهَا وَسَكَتَ عَنْ أشْيَاءِ رَحْمَةً لَكُمْ غَيْرَ نِسْيَانٍ فَلاَ تَبحَثُوْا عَنْهَا

(رَوَاهُ الدارقُطْنِيْ وَهُوَ حَسَنٌ لِغَيْرِهِ)

Mazima Allah yabalaalikako bye yalaalika, temubigayaalilira, n'abateerawo ensalo, temuzibuukanga, n'agaana bye yagaana (ebiri haraamu) temubigwangamu, n'asirikira bye yasirikira olw'okubasaasira si lwa kwerabira, temubinoonyerezangako. ***(Daarqutunie)***

Tukakasa nti Allah ﷻ ayogera, n'ebigambo bye biwulirwa. Yayogera ne Nabbi we Muusa عليه السلام, ajja kwogera n'abaddu be ku lunaku lw'enkomerero nga tewali muvvuunuzi nga bwe tukirabye mu bujulizi obukulembedde, kyokka tetumanyi njogera gy'ayogeramu kubanga teyajitubuulira wadde Omubaka we ate nga tetukkirizibwa kwogera ku Allah ﷻ kintu kyonna nga tetulina bujulizi ku kye tumwogerako. Anti lye limu ku makubo Shaytwan g'ekozesa okubuza abantu. Y'emu kunsonga ezaabuza abakaafiiri; abamu ne bagamba nti Katonda mwoyo

mwereeere, abalala ne bagamba nti Katonda mpewo, abalala ne bagamba nti ali buli wantu wonna! n'abalala ne boogera bye baagadde nga tebeefiirayo olw'obukaafiiri bwe babbinkiramu. Yatulabula Omumanyi owookuntikko Allah nti:

﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلنَّاسُ كُلُواْ مِمَّا فِي ٱلْأَرْضِ حَلَٰلٗا طَيِّبٗا وَلَا تَتَّبِعُواْ خُطُوَٰتِ ٱلشَّيْطَٰنِۚ إِنَّهُۥ لَكُمْ عَدُوّٞ مُّبِينٌ ﴿١٦٨﴾ إِنَّمَا يَأْمُرُكُم بِٱلسُّوٓءِ وَٱلْفَحْشَآءِ وَأَن تَقُولُواْ عَلَى ٱللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿١٦٩﴾﴾
البقرة

Abange mmwe abantu! Mulye mw'ebyo ebiri mu nsi bye mukkiriziddwa okulya ate nga birungi. Era temukwatanga obuwufu bwa Shaytwan, kubanga Mazima ye mulabe wammwe wa lulango. Mazima ddala abalagira kukola bibi na byambyone n'okwogera ku Allah ebyo bye mutalinaako kumanya.

OKUFAANAGANYA
(Attamthiil)

Oluvannyuma lw’okukimanya nti tetukkirizibwa kukuba Allah bifaananyi wadde okwebuuza enkola Allah ﷻ gy'akolamu ebitendo bye, kikulu nnyo okumanya nti tetukkirizibwa kumufaananya na kitonde kyonna, ne bwe kiba kya maanyi nnyo oba kyakitiibwa nnyo oba kirongoofu nnyo. Akikola aba akaafuwadde obukaafiiri obw’ekikolo. Kiri mu nzikiriza y’abakaafiiri okufaananya Allah ﷻ n’ebitonde bye ng'ekigambo kyabwe eky'obukaafiiri nti: Amaanyi ga Allah ﷻ galinga ga mpologoma! Ne bateebuuza yatonda mpologoma eyo era agitta!

Yagamba owa waggulu ennyo Allah:

﴿ فَلَا تَضْرِبُوا لِلَّهِ الْأَمْثَالَ ۚ إِنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ وَأَنتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٧٤﴾ ﴾ النحل

Kale temukubira ku Allah ebifaananyi (nga mumufaanaganya n'ebintu ebirala), Mazima Allah amanyi ate mmwe temumanyi

Enzikiriza eyo ya kikaafiiri nnyo era ejjuddemu okujerega n'obutawa Mutonzi kitiibwa. Enzikiriza y'Omusiraamu eri nti Ow'ekitiibwa Allah ﷻ yeefaanana yekka mu ndabika, mu bikolwa, ne mu mbeera zonna. Ebikolwa n'ebitendo bye wadde ng'owulira bifaanana n'ebyabantu oba eby'ebitonde ebirala mu mannya, manya nti okwo kufaananya kwa mannya so si kufaananya kwa ndabika. Bw'otegeera nti Allah ﷻ awulira, manya nti okuwulira kwe tekufaanana kwa bitonde bye. Ye yatonda ennimi zonna, ez'abantu, ensolo, ebinyonyi, ebiwuka n'ebirala era zonna aziwulira bulungi era azitegeera bulungi. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ لَيْسَ كَمِثْلِهِ شَيْءٌ ۖ وَهُوَ السَّمِيعُ الْبَصِيرُ ﴿١١﴾ ﴾ الشورى

Tewali kimufaanana kyonna, so nga Muwulizi nnyo, Alaba nnyo.

Eky'okulabirako kino kikulu nnyo gy'oli okusobola okutegeera nti okufaanagana kw'erinnya n'ekitendo tekutegeeza kufaanana mu ndabika: Ka tweyambise eky'okulaburako ky'ekitendo ky'obugonvu.

Singa omuntu agamba nti emmotoka ngonvu, omulala n'agamba nti omukyala mugonvu, omulala n'agamba nti lumonde mugonvu, omulala n'agamba nti olugendo lugonvu, abaffe! Obugonvu obwo obw'emirundi ena bufaanagana?

Eky'okuddamu kiri nti nedda; anti obugonvu bw'emmotoka kwe kuba nti tekutawaanya ng'ogivuga, bw'ogiweta eweta bulungi, bw'ogiteekamu ggiya eyingira bulungi. Ate obugonvu bw'omukyala ziba mpisa ze ennungi n'obuwulize bwe. Ate obugonvu bw'olugendo buba butalusangamu bizibu, ng'ekkubo ebbi, abatemu, obutalukooyeramu n'ebirala. Ate obugonvu bwa lumonde bumanyibwa na kumunyigako n'obutaba mukalubu mu kumulya.

Singa omuntu agamba nti omukyala mugonvu, ddala aba amufaananyizza lumonde? Waliwo ayinza okunyiga ku mukyala oyo akakase oba mugonvu? Waliwo ayinza okunyiga ku motoka oba olugendo alabe obugonvu bwabyo?

Ekyokuddamu nti: nedda. Kubanga lumonde n'omukyala n'emmotoka bintu bya njawulo. Na bwekityo singa omuntu agamba nti Allah ayogera aba tamufaananyizza kitonde kyonna kubanga Omutonzi n'ekitonde bya njawulo nnyo nnyo ne kitegeeza nti okwogera kw'omutonzi tekusobola kuba ng'okwogera kw'ekitonde ng'obugonvu bwa lumonde bwe butafaanana na bugonvu bwa mukyala n'obw'omukyala tebufaanana na bwa motoka - so nga bwonna buyitibwa bugonvu.

Ku ky'okulabirako kino kw'oba ogeraageranyiza eby'okulabirako ebirala. Bwe kiba nti eddiba ly'ekyennyanja terifaanana na ddiba lya muntu nga n'eryomuntu terifaanana na ddiba lya nte, ng'ate byonna bitonde, manya nti emikono gya Allah Omutonzi tegisobola kufaanana mikono gya kitonde kyonna. N'olwekyo bwagamba nti alina emikono oba nti akwata, oba nti akka ku ggulu eryo kunsi mu kiro ekisembayo ng'omubaka bwe yagamba, byonna bimukakaseeko nga teweesisiwa dde nti omufaananyizza n'ekitonde.

Singa kyali kyesisiwaza oba nga tekigwanidde teyaalikikubuulidde mu Qur'aan wadde Omubaka okukikubuulira mu Sunnat. Bw'ogaana okumukakasaako ekitendo kye yeekakasaako oba omuwakanyizza ekikumalira okukaafuwala.

Ate omuteeko ogwokubiri: Ebitendo Allah ﷻ bye yejjako (Salbiyyah), tumunywezaako ekyennyume ekijjuvu eky'ekyo kye yeggyako. Bw'agamba nti talyazaamaanya, ffe nga tumunywezaako obwenkanya obujjuvu. Allah ﷻ bw'agamba nti:

﴿ لَا تَأْخُذُهُۥ سِنَةٌ وَلَا نَوْمٌ ﴾ البقرة ٢٥٥

Takwatibwa kusumagira wadde otulo

Ffe nga tumunywezaako ekyennyume ekijjuvu nga bwe yakyenywezaako nti:

﴿ ٱللَّهُ لَآ إِلَٰهَ إِلَّا هُوَ ٱلْحَىُّ ٱلْقَيُّومُ ﴾ البقرة ٢٥٥

Allah y'oyo atalina kisinzibwa mu butuufu okujjako Ye; Omulamu (ow'olubeerera), Eyeeyimirizaawo yekka

Bw'agamba nti talyazaamaanya, ffe nga tumunywezaako obwenkanya obujjuvu. Bw'agamba nti takoowa, ffe nga tumunywezaako obusobozi obujjuvu.

Okumanya okujjuvu kwa Allah yekka Omulezi w'ebitonde.

Mu bufunze ennyo, ebyo bye bitonotono ebikwata ku Tauhiid ono. Nsaba Allah Ow'ekitiibwa ennyo atulage amazima atuwe okugagoberera era musaba atulage obulimba atuwe okubwewala. Nsaba Omutonzi wange Omulungi, Ow'ekitiibwa, Omusaasizi ennyo, akkirize nti ekitabo kino nkiwandiise ku lulwe era muwanjagira akisseemu omukisa, akinfuulire ensonga

y'okusaasira kwe ku lunaku lwe sirigasibwa mmaali wadde abaana. Musaba agase nakyo abaddu be era ansonnyiwe ensobi yonna ekirimu. Nsaba Omutonzi Omulungi anyweze taata wange omwagalwa Twayyib Muhammad Kizza ne maama wange omulungi Hamiidah Qaasim Nakku ku Busiraamu bwayagala era bw’aba abattirako. Okusaasira kwa Allah ﷻ n'emirembe bibe ku Mubaka we ow’ekitiibwa Muhammad ﷺ n'abantu b'ennyumba ye n'abo bonna abagoberera obulungamu bwe mpaka lwe tuliyimirira mu maaso ge, Amiin.

Kiwandiikiddwa Mugandawammwe:
Muhammad Quraish Mazinga Abu Sa'ad
Nga 24th Muharram/ 1431 – Islamic calender
Ezenkana: 10/ January/ 2010 – Gregorian calender
Mu kibuga Asshihir
Mu province ye Hadhramout
Mu Gwanga lya Yemen